n'okwegata mu by'obufuuzi n'abawa obw'akabaka bw'ensi eno, ebyo by'eyawa Kristo Era Omulokozi n'abigana (Matayo 4:1-11). N'awo asobole okukozesa okufuga kwe okuyita mw'abo ku nsi. Oluvannyuma lw'okutondawo Ekkanisa y'eggwanga obulokozi bw'asalibwaawo n'etendekero era baddu tebakyali mu kukkiriza kw'aYesu Kristo, mu oyo Yeka obulokozi obw'amazima gy'ebusangibwa. Bino ebitono oba ebinji bigendera ddala eri amaddini gonna si eri amakkanisa ge ggwanga gokka nga w'egali mu mawanga g'ebulaya. Basuubiza obulokozi eri abantu babwe okusinzira mu makubo gawe bennyinmi. Ekkanisa y'obukatuliki yo nsiimu kw'ekyo nga egamba abo abalekebwa emabega abo abaffa,wadde nga b'afuna esakaaramento, babonyerezebwa mu "purgatory" ekifo nti ky'osoka otekebwamu n'olyoka otukuzibwa mu nzikkiriza y'obukatuliki. Eby'awandiikibwa Ebitukuvu tebimanyi ejigiriza y'okujibwako ebibi ne papa, temanyi ku kufuna obulokozi okuyita mu sakaaramento, nera temanyi bya purgatory.

Eby'awandiikibwa n'abyo tebimanyi bikolwa by'okurungisibwa n'okukakasa abafu nti batukuvu. Omulamu yekka alina obumanyirivu bw'ekisa n'obulokozi obujuvu mu Kristo balangibwa nti b'amukisa era batukuvu. Okutandiika n'okulangirira kw'emikisa mu buweereza ku lusozi okutuusa ku sula esembayo eya Baibuli (Okubikkulirwa 22:7+14), abalamu bokka be balangirirwa ne Katonda mwennyini nga abaweebwa omukisa era batukuvu. Be bo abakkiriza mu ye nga eby'awandiikibwa we bigamba (Yokaana 7:38). okuba ne nyonta eyokuwuliriza okulangirirwa kw'omukisa ku peteero, ***"Alina omukisa, simooni bayona: kubanga omubiri n'omusaayi teby'akubikkulirwa ekyo, wabula Kitange ali mu ggulu."*** (Matayo 16:17).

Okurugisiibwa kw'amariamamu kwa yogerwa mu kwegata n'okukkiriza kwe, nga akkiriza ekisuubizo eky'amuweebwa, ***"Awereddwa omukisa ey'akkiriza kubanga birituukirizibwa ebyo bye wagambibwa Mukama"*** (Lukka 1:45). Amaaso n'amatu g'abayigirizwa ab'amazima aba Yesu b'ayogerwaako okuba ab'omukisa, ***"Naye amaaso gammwe gali n'omukisa kubanga galaba; n'amatu gammwe kubanga gawulira"*** (Matayo 13:16). Mu nnyanjula eri ekitabo ekisembayo eky'a Baibuli tu soma, ***"Alina omukisa oyo asoma, n'abo, abawulira ebigambo by'obunnabbi buno, era n'abakwata ebiwandikiidwa mu bo: kubanga ekiseera kiri kumpi"*** (Okubikkulirwa 1:3). Awo ne tu wulira okurungisiibwa kw'abatukirivu, ***"Awereddwa omukisa, era y'emutukuvu alina omukisa mu kuzukkira kw'oluberyrberye ..."*** (Okubikkulirwa 20:6). Okurungisiibwa okukolebwa n'abantu tekulina makulu era si kwa mugaso gwonna, kubanga tebalina musingi gwa Baibuli. Ebikolwa bw'ebiti n'abyo birina okuwaabirwa ku Ntebe y'Omusango.

## Kulwo okutulaga ekiriwo

Mu kutulaga okukomawo kwa Kristo okusemberedde tulina okufuna amagezi amatuufu agakwata ku Katonda n'okuba n'okubikkulirwa okw'enjigiriza yonna ey'omusingi gw'ekkanisa y'endagano Empya. Kino kirimu Okubatizibwa okwe Baibuli abo abakkiriza nga bafuna okusonyiwibwa kwe bibi byabwe nga okulya Emmere y'a Mukama waffe okuba ekijukkizo nti twatabagana ne Katonda, nga tu bikola okutuusa Mukama lwalijja (1 Abakkolinso 11:26). Bino n'ebilala byonna eby'ejigiriza ya Baibuli bilina okwogerwa mu mazima. Bonna bali n'okuba nga we bali mu beroya (Ebikolwa by'abatume 17:10-15) no kunonyereza eby'awandiikibwa ebitukuvu buli lunnaku okukakasa obanga ebintu biyigirizibwa mu butuufu. Katonda Ataggwaawo ayelaga mwennyini ng'omuntu mu Yesu Kristo asobola okuwa okumulisa okutuufu okuyita mu Mwoyo Omutukuvu eri buli omu. Ye Yekka asobola okutekawo ekomo ku batalina suubi abemivuyo gy'ababuloni ab'eyongedde ebiro bino.

Emirembe gyonna kituufu, ***"...Kitalo: nedda, Katonda abeerenga w'amazima, naye buli muntu abeerenga mulimba; nga bwe ky'awandiikibwa nti obeere n'obutukirivu mu bigambo byo, onsinge bw'onsalirwa omusango"*** (Abaruumi 3:4). Tusobola okujibwako omusango n'okuwanggula nga Ekigambo kyoka bwe bujulizi bwaffe era nga amazima gatambulira mu ffe, ***"Kubanga Katonda ali omu, aliwa obutukirivu abakomole olw'okukkiriza, n'abatali bakomole olw'okukkiriza"*** (v. 30).

KATONDA ali OMU YEKKA nga we ky'awandiikibwa, naye tekitegerekeka n'amagezi gonna ag'obusomi bwaffe mu kubikkulirwa kwe eri abantu. ***"Naye Katonda anabeeranga ku nsi mazima ddala? Laba, Eggulu n'eggulu ly'eggulu teriyinza kukujiyamu: Kale enyumba eno gy'enzimbye nga teyinza n'akatono?"*** (1 Bassekabaka 8:27). Ne wankubade mu luberyeberye yelaga mwennyini mu ngeri elabika bwe yayogeranga ebintu byonna nebibaawo ne Kigambo ky'amanyi ge era gukka g'omwoyo gw'aKatonda okubutikira ebuziba okuleta obulamu Katonda asobola okubeera mu kiseera kye kimu Mu ggula era ne ku nsi, nga bw'abeera buli wamu. Asobola okutambulira mu kifananyi ky'omubiri Omwoyo gwe n'egutambulira ku nsi yonna mu kiseera ky'ekimu Kubanga Ye Mwoyo. ***"Gwe walagibwa bw'otyo oly'oke omanyenga nti Mukama Ye Katonda; Tewali mulala wabula Ye. Yakuwuliriza Eddoboosi lye nga ayima mu ggulu alyoke akuyigirize: n'ekunsi yakulabya omulimo gwe omunene; n'owulira Ebigambo bye nga biva wakati mu muliro kale manya leero, era okise ku mwoyo nga Mukama Ye Katonda mu ggulu waggulu n'emunsi wansi: tewali mulala."*** (Ekyamateeka 4:35, 36+39). Asobola okutuula ku Ntebe ye N'akka wansi mu muliro gw'obw'aKatonda mu lusozzi

sinaayi N'ayogera maaso ku maaso ne Musa n'aleka eddoboosi lye n'erikka okuva muggulu. **"Era wakka ku lusozi sinaayi n'oyogera n'abo ng'oyima mu ggulu..."** (Nekkemiya 9:13). Asobola okubeera ku Ntebe Ye mu kiseera kye kimu asobola okubeera ne isirayiri mu mpagi y'omuliro mu buntu era nga abakulembera mu biseera by'emyaka makumi ana. **"Era Mukama n'agenda mu maaso gabwe emisana mu mpagi y'ekire okubakulembera, mu kubo; era ekiro mu mpagi y'omuliro okubaakira: balyoke batambule emisana n'ekiro: tezaggwaawo mu maaso g'abantu."** (Okuva 13:21-22).

Mukama Katonda asobola okw'elaga mwennyini nga omuntu mu makubo agenjawulo nga tafuuse muntu mulala Yenna. Ye Mutonzi, Omubeezi, Kabaka, Omulokozi, Omulamuzi ne bilala binji naye bulijo asingala nga y'omu.

**"Katonda gwe Mwoyo: n'abo abamusinza kibagwanira okusinzanga mu Mwoyo n'amazima"** (Yokaana 4:24).

Katonda ali omu yekka. **"Naye omutabaganyi si ow'omu, naye Katonda Ye omu."** (Abaggalatiya 3:20). **"Kubanga waaliwo Katonda omu era omutabaganya w'aKatonda n'abantu omu Omuntu Kristo Yesu"** (1 Timoseewo 2:5). Muntu ki aky'ayogera ku bantu abasatu oluvannyuma lw'okubawulira ne mu wulira obujilizi obw'amazima ku Ye okubeera Omu yekka?

Ye omu Yekka, atalabika. **"Era Kabaka w'emirembe n'emirembe, ataggwaawo, atalabika, Katonda omu, awebweenga etendo n'ekitibwa emirembe n'emirembe. Amina."** (1 Timoseewo 1:17). Ani agenda okugumira okujako ebintu ebilambulukufu bw'ebityo eby'eby'awandiikibwa nate okutwala Ekigambo "Ky'obussatu" mu kamwa ke Nga Ekigambo ki julira kyennyini kw'oyo Omu?

**"Eri oyo yekka Katonda omugezi Omulokozi waffe, awebweenga ekitibwa, obukulu, n'amanyi n'obuyinza, edda n'edda g'emirembe n'emirembe teginnabawo, kaakano n'emirembe egitaliggwaawo. Amiina."** (Yuda 25). Butuufu tukkiriza n'obujilizi bw'amazima obw'abatume nti Katonda Yekka eyafuuka Omulokozi waffe okuyita mu Yesu Kristo, Mukama waffe. Amiina. Amiina.

**"Katonda gwe musana so mu Ye ekizikkiza teri nakatono. We twogera nga tuusa kimu naye n'etutatambuliranga mu kizikkiza, tulimba n'etutakola mazima."** (1 Yokaana 1:5-6). Mu mazima gokka nga tutambulira mu musana gw'ekigambo kye tusobola okubeera n'okukuggaana wamu ne Katonda.

Katonda Ye nannyini buyinza yekka, oyo yekka Oyo alina obutafa. **"...Oyo ow'omukisa era nannyini buyinza yekka atenderezewa, kabaka wa ba kabaka era Mukama w'abami; alina obutafa yekka atuula mu kutangaala okutasemberekeka; omuntu yenna**

***bw'atalabanga ko, so sewali ayinza okumulaba aweebwenga ekitibwa n'obuyinza obutaggwaawo. Amiina.***" (1 Timoseewo 6:15-16). Kituufu era Amiina!

### **Katonda yelaga mwennyini**

Mu butaggwaawo Katonda yali yekka mu bujuvu bwe bwonna obwo'omwoyo, ekitangaala n'obulam. Mu luberyeberye yajja mu ngeri elabika eyitibwa ekifananyi kye. Okusookera ddala yelaga mwennyini mu mubiri gw'omwoyo, nga b'amalayika n'abo bantu b'amwoyo b'atondebwa mu kifananyi kyekimu nga Adam.

Okusooka Mukama Katonda y'atonda Eggulu ne byona ebiririmu, n'awo ensi n'ennyanya ne byonna ebibijuzi. Malayika bulijo bali bamwetolola muggulu ne ku nsi. Okusingira ddala, twagaala ku gobereera ebigere by'okweraga Kwa Katonda okutegeera e'ngeri gye yelaga mwennyini mu ndagano Enkadde n'Empya.

Okuyita mu ndagano Enkade yonna Mukama Katonda yebikula mwennyini mu ngeri elabika. Eyo y'engeri Adam ye yamulaba. Yakyalira ibulayimu, yebikula mwennyini eri Musa, yakoobo yalwanagana naye n'ebannabbi ne bamulaba ku Ntebe y'obwakabaka bwe. Eby'awandiikibwa ebitukuvu bimwogerako.

Ani, nga wetwalaba, ayagala okutegeera eri ani Katonda yayogera mu lusuuku weyagamba, "*Katonda nayogera nti tukole omuntu mu ngeri yaffe mu kifaananyi kyaffe...*" (Oluberyeberye 1:26-27), olina okusoma eby'awandiikibwa eby'ekitibwa ebitugamba ebikwatagana ku kifaananyi ky'aKatonda, Mukama wa kozesa "ffe" kubanga yali ayogera kw'abo abaliwo okuba mu kifaananyi kye.

Mu lubereberye 3:22 Mukama Katonda ya gamba, "*Laba omuntu afuuse ng'omu kuffe...*"

Mu lubereberye 11:7 Mukama ya gamba, "*Kale tuke, tutambuliretabulire eyo...*"

Mu Isaaya 6:8 Mukama abuuza, "***Naatuma ani era anatugendera ani?***"

Nga Pawulo bwe yali abuuza, "Eby'awandiikibwa bigamba ki?" fenna tulina okukola kyekimu ate nga mu buli nsonga tubuuza, "Eby'awandiikibwa bigamba ki ku somo?" tulina okutambulira mu bigere by'abatume, tukkirize nga bwe bakkiriza tuyigirize bye bayigirizanga, okubatiza nga bwe babatizanga awatali kuleka kyonna, buli kibuzo ky'aBaibuli esobola okudibwamu mu butuufu n'eBaibuli yennyini.

Mu Yobu 38 tugambibwa eri oyo Katonda mwennyini yayogera mu luberyeberye 1. Yabuuza Omuddu we, "***Oli ludawa wennassawo***

*emisingi gy'ensi? ... Emunyenye zenkya wezayimbira awamu n'abana ba Katonda bonna ne bogera waggulu olw'essanyu?"* (vv. 4-7). Abo abaliwo mu butonzi bali b'amalayika n'abo ab'omuggulu. Mukama we yakka wansi okuwa ebiragiwo b'amalayika n'abo baliwo Eby'awandiikibwa ebituku bimanyi okusigira ddala bimanyi omu omuteesi w'amateeka. *"Kubanga Mukama Ye mulamuzi waffe, Mukama Ye Muteesi w'amateek a gy'etuli..."* (Isaaya 33:22). Naye okujjako amazima gano Kigambibwa, *"Kale amateeka kiki gasibwawo lwa kwonona okutuusa walijjira omuzzukulu ey'asuubizibwa, nga alagirwa b'amalayika mu mikono gy'omutabaganya."* (Abaggalatiya 3:19). *"Kuba oba ngekigambo ekyayogerwa b'amalayika kyanywera, n'abuli kyonono n'obutawulira by'aweewwanga empeera y'ensonga..."* (Abaebbulaniya 2:2). Kituufu Mukama nga Malayika w'endagano y'egatirwako ne b'amalayika n'ebakka wansi ku lusozi n'ebawa amateeka. *"Oyo ye yali mu kkanisa mu dungu, wamu n'emalayika eyayogera naye ku lusozi sinaayi, era wamu n'ebajjajaffe ey'aweewwawo Ebigambo eby'obulamuku okutuwa ffe."* (Ebikolwa by'abatume 7:38).

Si kyoka mu ntandiikwa y'obutonzi ne mu kuwa amateeka naye nakyo ekiseera ky'obununuzi bwe kyatuuka b'amalayika baliwo. Mu Lukka 1 Malayika gabulyeri yasooka ku langirira okuzalibwa kwa Yokaana omubatiza. Nawo tusoma, *"Awo mu mwezi gw'omukaga Malayika gabulyeri naatumibwa Katonda mu kibuga eky'eGgaliraaya elinnya lyakyo nazaaleesi."* (v.26) yalanga okuzalibwa kw'omulokozi awo Malayika naleta amawulire amalungi eri abalunzi, *"Kubanga leero azaliddwa gy'emuli omulokozi mu kibuga kya dawudi, Ye Kristo Mukama waffe ... Awo amangu ago waaliwo n'emalayika oyo bangi ab'omujjye ly'omuggulu nga batendereza Katonda nga bagamba nti ekitibwa kibe eri Katonda waggulu ennyo; ne mu nsi emirembe gibe mu bantu abasiimibwa."* (Lukka 2:11-14).

Omwana w'aKatonda y'awangula okugezeseebwa kw'okukemebwa tugambibwa, *"Awo setaani n'amuleka; laba, Malayika ne bajja, n'ebamuweereza."* (Matayo 4:11). Mu Yokaana 20:12 b'amalayika babiri bayimirira ku tana enjerere, Omu ku Mutwe n'omulala ku bigere gye bikoma, nga balanga nti ey'atekebwa ku musalaba azukidde. Byonna eby'endagano Enkadde n'Empya by'akakasa mu bunji eri okubeerawo kw'abamalayika buli Mukama wabeera.

Buli asoma Baibuli okutuusa ku kubikkulirwa aba amanyi binji eby'ogerwa nti Katonda alina ababaka mu ggulu ne ku nsi. Buli bintu byakola biba by'egata nentekateka ze ez'obulokozi, eky'obw'aKatonda kibeerawo ku nsi Yokaana ku kizinga ekiyitibwa patumo naye yalaga ebirowozo bye bimu, *"Nagamba nti Ebigambo bino by'abwesigwa era*

*by'amazima: era Mukama Katonda ow'emyooyo gy'abannabbi yatuma Malayika we okulaga abaddu be ebiganira okubaawo amangu."* (22:6)

Tulaba obutuufu bwonna obw'endagano Enkadde n'Empya nakyu mu kitibwa. Yegatibwako ne b'amalayika ababiri Mukama Katonda yakyalira Ibulayimu awali emivule gy'a mamueule (oluberyeberye 18). Mu sula eno bangi mu bukyamu bavunuula "enjigiriza y'obussatu" Ibulayimu yalaba abasaja bassatu n'olwekyo bakitekawo nti "abassatu abatukirivu" . Naye mu butuufu tekyali "kitukuvu" oba "si kitukuvu" Obussatu Yali Mukama n'ebamalayika babiri nga Ebyawandiikibwa we byogera.

Ibulayimu yabaweereza ku kyokulya, "**ne balya.**" (v.8)

Nate batugamba, "*Mukama nayogera nti, naamukisa ky'enkola? ... Abasaja ne bagolokoka okuva eyo n'ebatunulira esodoma: Ibulayimu nagenda nabo okubawerekerako.*" (vv. 9,10, 13a, 16-17 ne 22).

Mu sula 19 abasaja ababiri nate b'amalayika ababiri. "*N'ebamalayika babiri nebatuuka esodoma akawungezi; ne lutti yali atudde mu mulyango gwesodoma: lutti nabalaba, nagolokoka okubasinsinkana navunama amaaso ge*" (v.1). Ekigambo "Malayika" kitegeza "mubaka".

Nate b'amalayika ababiri be basaja ababiri, ekibuga kyonna we kyajja mu nyumba ya lutti nga babuuzza, "**Ne bayita lutti ne bamugamba** nti abasaja baliwa abayingidde ewuwo ekiro kino? *Obafulumye gy'etuli tubamanye.*" (v. 5). Lutti nayogera nti mbeegayiridde, baganda bange, temukola bubi bwenkanidde wano laba no nnina abaana abawala babiri, abatamanyanga musaja; kambafulumye abo gy'emuli mbeegayiridde namwe mu bakole nga bwe kiri ekirunji mu maaso gamwe: "**abasaja abo temubakola Kigambo...**" (v. 8)

Ekitundu kyenyini ekyetagisa kiri nti ffe olumu ne mu byonna tutegeza nti Katonda abadde nga yetolorwa b'amalayika abali n'endabika y'abantu okuvira ddala ku luberyeberye. Mukama Katonda mwennyini emirundi nga nsanvu ayogerwako nga "Malayika wa Mukama", nga "Malayika wa Katonda", nga "Malayika we ndagano" (Okuva 6; Malaki 3:1; Ebikolwa by'abatume 7:30-38) era nga "Malayika Owokubeerawo kwe" (Isaaya 63:9).

Mu Lubereberye 28 yakobo atugamba obumanyirivu bwe n'obw'aKatonda ne Katonda. Yalaba eddala eyatuuka okuva ku nsi okutuuka mu ggulu. "*Era laba Mukama ng'ayimiridde waggulu waago, n'ayogera nti Nze Mukama, Katonda wa Ibulayimu jjajjaawo, era Katonda wa Isaaka: ensi gy'ogalamiddeko, ndi gikuwa ggwe n'ezzadde lyo...*" (v.13).



Mu luberebeye 32 Mukama teyali nnyo wa ggulu, ku nkomerero y'eddala, naye wano ku nsi, tusanga kya weky'awandiikibwa, "... omusajja n'ameggana naye okutuusa emmambya bwe yasala. Era bwe yalaba nga tajja kumumegga, n'akoma ku mbalakaso ye; embalakaso ya yakobo ne yeereega, ng'ameggana naye. N'ayogera nti nta, kubanga emmambya esala. N'ayogera nti sija kukuta, wabula ng'ompadde omukisa. N'amugamba nti Erinnya lyo ggwe ani? N'ayogera nti yakobo. N'ayogera nti Erinnya lyo terikyayitibwanga yakobo, wabula Isiraeri: kubanga owakanye ne Katonda era n'abantu, era osinze. Yakobo n'amubuuza n'ayogera nti nkwegayiridde mbuulira Erinnya lyo. N'ayogera nti kiki ekikumbuuzisa erinnya lyange? N'amuweera eyo omukisa. Yakobo n'atuuma ekifo erinnya lyakyo Penieri: kubanga ndabaganye ne Katonda mu maaso, n'obulamu bwange buwonye." (vv. 24-30).

Ekgambo "penieri" kitegeza "amaaso ga Katonda". Katonda yali wa ddala, nga waali mu kikula ky'amalayika, nti Yakobo asobole okumulaba. Y'ameggana naye nga we yali asobola n'omuntu, okutuusa bwe yafuna obuvune ku vivi lye. Y'amanirira Katonda ng'omuntu. Omusana n'eguvayo eri ye ne Yakobo omukadde, ekyafuuka Isiraeri Empya, "alwana ne Katonda".

Nnabbi koseya awandiika obumanyirivu Yakobo bwe yalinda nga we bugoberera, *"Mu lubuto yamukwata muganda we ku kisinziro; era bwe yakula n'aba n'obuyinza eri Katonda: weewaawo, yabanga n'obuyinza ku Malayika n'awangula: yakaaba amaziga n'amwegayirira: yamulaba e Beseri, era eyo gye yayogerera naffe; **Mukama Katonda ow'eggye; Mukama kye kijjukizo kye.**"* (12:3-5).

Kuno nga kulaga kw'akitibwa! Y'ameggana ne Malayika mu kiseera kye kimu yali Mukama, Katonda w'eggye, Erinnya lye lyali YAKUWA – Oyo ataggwaawo.

Tusobole okuyita Musa okubeera omujjulizi waffe addako ow'amazima oba tudeyo kwe byo eby'emabega ku bumanyirivu bwe yalia mu byo bw'aKatonda mu Okuva 3 *"Malayika wa Mukama n'amulabikira mu lulimi lw'omuliro okuva wakati w'ekisaka: n'atunuulira, laba, ekisaka ekyo ne kyaka omuliro ekisaka ne kitasiriira. Musa n'ayogera nti Ka nneekooloobe kaakati, ndabe ekigambo kino ekikulu, ekisaka kyekivudde kirema okusiriira. Mukama bwe yalaba nga yeekooloobezza okulaba, Katonda n'amuyita ng'ayima wakati w'ekisaka n'ayogera nti Musa, Musa. N'ayitaba nti Nze nzuuno. N'ayogera nti tosebera wano: ggyamu engatto zo mu bigere byo, kubanga ekifo ky'oyimiriddemu ye nsi entukuwu. N'ayogera nate nti **Nze ndi Katonda wa kitaawo, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo. Musa n'akweka amaaso ge: kubanga yatya okumutunuulira Katonda.**"* (Okuva 3:2-6).

Okulaga kuno kwonna okussatu kutegeza omuntu oyo omu: Malayika wa Mukama, kubanga ya leta omubaka; Mukama, Kubanga ye yekka nannyini buyinza bwonna; Katonda, kubanga ye yekka alina okugulumizibwa n'okufuna ekitibwa kyonna okuyitira ddala mu butaggwaawo bwonna.

Musa yayagala okutegera Erinnya lya Katonda eyali yebikula mwennyini eri bajjajja be Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo. *"Katonda n'agamba Musa nti NINGA BWE NDI: n'ayogera nti bw'otyo bw'olibagamba abaana ba isiraeri nti NDI ye antumye eri mmwe. Katonda n'agamba nate Musa nti Bw'otyo bw'olibagamba abaana ba isiraeri nti Mukama Katonda wa bajjajja bammwe, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo ye antumye eri mwe: eryo lye linnya lyange ebiro ebitaggwaawo, n'ekyo kye kijjukizo kyange emirembe gyonna."* (Okuva 3:14-15).

Mu Kuva 6 tusanga ky'awandiikibwa, *"Katonda n'ayogera ne Musa, n'amugamba nti NZE YAKUWA: nalabikira Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo, nga Katonda omuyinza w'ebintu byonna, naye mu linnya lyange YAKUWA saamanyibwa nabo."* (vv.2-3). Nga endagaano tenakolebwa, Katonda yabikula erinnya lye ery'endagano. "NZE" ye "NZE YAKUWA", n'olwekyo tusanga erinnya ly'oyo omuyinza w'ebintu byonna nga liwandiikidwa mu lu Abaebbulaniya nga tetragram. Ku lw'ekyo kikulaga erinnya YAKUWA. Mu kukyusa Baibuli mu nimi ez'enjawulo abamu basalawo okukozesa erinnya "Mukama", abalala bakozesa "ATALINA NTANDIIKWA NA NKOMERERO", n'abalala "YAKUWA". Buli kiseera kimu ne kye kimu kirina okuba bw'ekityo, n'awo kirina okutekebwaako esiira nti YAKUWA lye linnya ly'endagano ery'abikurwa. Kino ky'eyongerera ddala n'amanya gona agatandiikanga ne ga nkomekereza ne "yak". Mukama bulijo ye yannjula mwennyini nga kyali, okusingira ddala n'ekyo eky'omusanvu "Yakuwa" amanya, okuva Yakuwa-yire – "Mukama aja kutugabirira" (Olubereberye 22:13-14) eri Yakuwa-shammah – "Mukama waali" (Ezeekyeri 48:35). Kuba Katonda – ELOHIM wadde "El" kyo kimala. N'akyo ne "EL" tusanga okwelaga kw'emirundi musanvu kw'ekyo Katonda kyali: El Elyon – "Katonda ow'ewa ggulu ennyo" (Olubereberye 14:18), El Shaddai – "Katonda om'uyinza we bintu byonna", El Olam – "Katonda ataggwaawo" (Olubereberye 21:33) ne El Gibbor – "Katonda ow'amaanyi" (Isaaya 9:6). Nga El Shaddai Katonda yebikula mwennyini okusingira ddala okutuusa ku biseera eby'okuwa amateeka. Oluvannyuma nti erinnya lye ery'endagano YAKUWA ekozesebwa nnyo. Immanu-El kitegeza "Katonda naffe", alleluyah – "Tendereza Mukama", Isa-jah kitegeza "YAKUWA obulokozi", Dan-El – "Katonda Mulamuzi"! "El" bulijo kitegeza Katonda ne "Yak" kitegeza awatali kujjako ekyegase ku Mukama.

Kirungi okutegera nti bulyomu ow'okwelaga kwa Katonda okuva mu lubereberye aba ne kyalaga mu tekateka y'obulokozi. Omu asobola okulaba obumu wakati w'endagano Enkadde n'Empya . Erinnya ly'endagano Empya Yesu ye mu lulimi olu ebbulaniya JAH-SHUA, nga kyo mu buterevu kigamba Oyo mwennyini yoyo alina okujja, n'erinnya Yakuwa-omulokozi, "...*kubanga ye ye alirokola abantu be mu bibi byabwe.*" (Matayo 1:21). Kino mu buziba kyejusibwa era tekisaana eri Katonda nti ekitegeza ekituufu kyennyini mu kwelaga kwe okw'emirundi essatu te kw'ategerebwa n'abano abakyusa Baibuli mu nimi. Bali bali bantu abalina okutegera kw'enimi, naye ekyo tekimala, nga we tusobola okulaba. Ebintu byonna bi tu weebwa n'okubukkulirwa. Kubanga Omwoyo anoonya byonna era n'ebitategerekeka ebya Katonda (1 Abakkolinso 2:10-16), era n'atukulembere ffe mu mazima gonna (Yokaana 16:7-15a.o.), mu byama eby'akwekebwa eri etekateka ey'obw'aKatonda ey'obulokozi (Abaefeso 3:1-5a.o.).

### **Omu atudde ku Ntebe!**

Mu nnaku za Kabaka Akabu Nnabbi Mikaaya yalaba MUKAMA nga atudde ku ntebe ye. Mikaaya te yali "Nnabbi w'ekkanisa" Yali nnabbi ow'amazima owa Katonda, ng'ayogera, "*N'ayogera nti kale muwulire ekigambo kya Mukama: ndabye Mukama ng'atudde ku ntebe ye n'eggye lyonna ery'omu ggulu nga bayimiridde ku mukono gwe ogwa ddyo ne ku gwa kkono.*" (2 Ebyomumirembe 18:18). Nnabbi yalaba Omu yekka atudde ku Ntebe nga ye tolodda bamalayika.

Isaaya yandibadde omujulizi omulala ow'amazima ey'awandiika obumanyirivu buno obw'ekywunyo, "*Mu mwaka Kabaka Uzziya mwe yafiira nalaba Mukama ng'atudde ku ntebe, empanvu eyagulumizibwa n'ekirenge kye nga kijjula yeekaalu. Ne mpulira eddoboosi lya Mukama, nga lyogera nti naatuma ani, era anaatugenderera ani? Ne ndyoka njogera nti Nze Nzuuno: ntuma nze.*" (Isaaya 6:1-3+8).

Nate tujja kuyita nnabbi Isaaya okwogera. Mu kubikkulirwa kwa Katonda kwonna oyo "NZE" kitekebhamu "*NZE Atalina ntandiikwa na nkomerero, mu ye mwennyini ali Omu, nga bw'eyali olwa jjo lwaliba ne leero ne mirembe gyonna.*" "*...Katonda ataggwaawo, Mukama, omutonzi w'enkomerero z'ensi...*" (Isaaya 40:28b). "*...mulyoke mumanye munzikirize mutegeere nga nze nzuuyo; tewali Katonda eyabumbibwa okusooka nze, so tewaliba alinziririra. Nze, nze mwene, nze Mukama; so tewali mulokozi wabula nze ... ndi Katonda.*" (43:10-12). "*Nze ndi wa lubereberye era nze ndi wa nkomerero; so tewali Katonda wabula nze.*" (44:6). "*Nze Mukama so tewali mulala; tewali Katonda wabula nze*" (Isaaya 45:5). "*nze*

*nzuuyo; nze w'olubereberye era nze w'enkomerero." (Isaaya 48:12a.o.). Okuva mu by'awandiikibwa byonna n'obujulizi obw'amazima bwonna buli mu lwatu, eky'enkomeredde kya lwatu nti ye OMU awatali ye tewali mulala ayogera n'eyebikula mwennyini.*

Nnabbi Ezeekyeri, erinnya lye litegeza "Katonda ow'amaanyi", naye awandiika obumanyirivu bwe obw'obw'aKatonda, *"Era waggulu w'ebanga eryali waggulu w'emitwe gyabyo kwaliko ekifaananyi eky'entebe, ng'embala ey'ejinja eya safiro: ne kukifaananyi eky'entebe kwaliko ekifaananyi ng'embala ey'omuntu ku yo waggulu ... Ne ndaba ng'ebbala ery'ezaabu etabuddwamu effeeza, ng'embala ey'o muliro munda mu yo enjuyi zonna, okuva ku mbala y'ekiwato kye n'okukka, nalaba ng'embala ey'omuliro, era waaliwo okumasamasa okumwetoolodde. Ng'embala eya musoke aba ku kire ku lunaku olw'enkuba, bw'etyo bwe yali embala ey'okumasamasa enjuyi zonna. Eno ye yali embala ey'ekifaananyi eky'ekitibwa kya Mukama. Awo bwe naakiraba, ne nuunama amaaso gange, ne mpulira eddoboosi ly'oyo eyayogera."* (Ezeekyeri 1:26-28).

Kituufu Mukama Katonda yalabikira mu kifaananyi ky'omuntu, nga bwe ya tambula mu lusuuku lwa Edeni. Endagaano ye waggulu yali eri oyo OMU atudde ku Ntebe. Ye Katonda w'endagaano, yatekawo endagaano ne isiraeri nga Malayika w'endagaano (Ebikolwa by'abatume 7:33-38). Mu kubikkulirwa 10 Mukama akka okuva mu ggulu, ng'ayambadde ekire; ne musoke ng'ali ku mutwe gwe n'ateeka ekigere kye ekya ddyo ku nnyanja n'ekya kkono ku nsi. Naye y'ateekawo e ndagaano ne kkanisa y'endagaano empya (Matayo 26:26-29 a.o.) n'erinnya lye ery'endagaano JAHSHUA/ Yesu nga omulokozi. Mu ndagaano enkadde bannabbi b'atebereza obulokozi n'okujja kw'omununuzi, mu ndagaano empya obunnabbi bwonna ge mazima agaliwo.

Si kaseera n'akamu nti waaliwo ba Katonda bassatu abalabibwa ku Ntebe. **Bulijo waaliwo oyo OMU yekka oyo Atalina ntadiikwa n'akomerero ye bikula mwennyini mu ngeri elabika ey'omubiri nga "Mukama".** Era ne Nnabbi Danyeri teyalaba ba Katonda babiri ku Ntebe (7:9-14). Ne ndaba okutuusa entebe lwe zaateekebwawo, n'omukadde eyaakamala ennaku ennyingi n'atuula: Ne ndaba mu ebyo bye nnayolesebwa ekiro, era laba, ne wajja omu eyafaanana ng'omwana w'omuntu n'ebire eby'omu ggulu n'ajjira ddala eri omukadde eyaakamala ennaku ennyingi. Mu ndagaano empya tusoma ebiseera binji ku kukka kwo Mwana w'Omuntu, *"Naye Omwana w'Omuntu bw'alijjira mu kitiibwa kye, ne bamalayika bonna nga bali naye, awo bw'alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye."* (Matayo 25:31). Nga kabona omukulu era omuwolereza atuula ku mukono gwe ogwa ddyo okutuusa ng'amaze okufuula abalabe be bonna entebe y'ebigere bye

(Abaebbulaniya 2:5-9). Ku kino tusobola okusoma ebifo eby'enjawulo. Ekigambo ky'ekisuubizo kilanga bw'ekiti **"Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, okutuusa lwe ndifuula abalabe bange entebe y'ebigere byo."** (Zabbuli 110:1; Abaefeso 1:17-23; Abaebbulaniya 2:5-9).

Nafe tusobola okuyita steveni nga omujulizi, *"Naye bwe yajjula Omwoyo Omutukuvu, n'akaliriza amaaso mu ggulu, n'alaba ekitiibwa kya Katonda, ne Yesu ng'ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda; n'agamba nti laba, ntunuulidde eggulu nga libikkuse Nga n'Omwana w'Omuntu ng'ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda."* (Ebikolwa by'abatume 7:55-56). Okuva mu kukka kwe mu mubiri okutuusa mu kumaliriza kwe tulaba abagalwa baffe abanunuzi okujako Katonda mu ngeri nyingi, ng'atukikirira ffe. Mu Mwana ebisikirize byonna ne'bikula by'endagaano enkadde by'afuuka mazima.

Nga "Omwana wa Katonda" Ye mununuzi, "Omwana w'Omuntu" ye Nnabbi. Nga "Omwana wa Dawudi" ye Kabaka. Nga "Omwana wa Ibulayimu" ye musiika w'ensi – Okuyita mu ye tuli basiika ba Katonda nate awamu ne Kristo. Ye "Endiga ya Katonda" ey'agyawo ebibi by'ensi ku musalaba. Ye "Mutabaganya" w'endagaano empya (Abaebbulaniya 8:6). Ye "Kabona asinga obukulu" Nayita mu weema esinga obukulu n'okutuukirira etali ya ku nsi n'omusaayi gwe, n'ayingirira ddala omulundi gumu mu watukuvu (Abaebbulaniya 9:11-12). "ye muwolereza" nga kitaffe tanaba (1 Yokaana 2:1). Yafuuka ebintu byonna eri ffe fenna, nti ffe okuyita mu Ye tufuuke kyali. Enzikkiriza yokka mu Yesu Kristo ye y'amazima enzikkiriza mu Katonda. Kubanga Katonda mu buntu yali mu Kristo nga atabagana n'ensi ne ye mwennyini. (2 Abakkolinso 5).

Eby'awandiikibwa ebitukuvu bya wandiikibwa mu ntegeka etukiridde ey'entekateka y'obulokozi. Buli kifo kirina okulekebwa we kiri ne ngeri gye kiri we tusoma "Omwana wa Katonda", n'olw'ekyo kirina okubeera awo, era te tulina, wansi w'embeera yonna tetulina nate kukisiikiza ne "Omwana w'Omuntu" oba "Omwana wa Dawudi". Bwe tusoma "Omwana w'Omuntu" tewali mbeera yonna gye kiyinza ku sikiizibwa ne "Omwana wa Katonda". Kyekimu ekigendera ddala eri ebintu ebilala byonna. We tusoma "Omutabaganya" ekyo we kirina okubeera. We tusoma "Omuwolereza", bw'ekityo mu bumpi bwe kiba kitegeza. Buli kintu, eky'enkomeredde buli kintu nga bwe kya kolebwa kirina okusigala mu butuufu bw'akyo nga bwe ky'awandiikibwa. Abantu abatalina kutegera kwa Katonda ba kyusiza entegeka ye ky'ewunyo ey'entekateka y'obulokozi nga bwe sangibwa mu by'awandiikibwa ebitukuvu ku butabeera na suubi. Banyomola obutuufu bw'ekigambo Kya Katonda no kuvunuula kwabwe bennyini.

Tweyongereyo nga tugenda mu mutume Yokaana, eya wa mukisa okufuna okubikkulirwa okwa Yesu Kristo ku kazinga ka patumo. Yawulira eddoboozi ly'oyo omuyinza we bintu byonna ng'ekivuga kye kkonddere era n'atekebwa mu mwoyo mu "Lunaku lwa Mukama". Bye yalaba yali wa ku biwandiika wansi, bye yakola mu bwesigwa, okweebaza kudire Katonda. Oluvannyuma lwo kwannjula Yesu Kristo ng'ow'amazima era omwesigwa omujulizi, ng'ezzadde lyo lubereberye okuva mu baffu, ani ey'atununula okuva mu bibi byaffe n'omusaayi gwe n'atufuula ba kabaka era bakabona eri Katonda kitaawe, era naffe kitaffe (Yokaana 20:17); Abaebbulaniya 2:10-18 a.o.), asonga kw'oyo agenda okukka ne bire, "*Laba ajja n'ebire; era buli liiso lirimulaba, n'abo abaamufumita n'ebika byonna eby'omu nsi birimukubira ebiwoobe. Weewaawo, Amiina.*" (Okubikkulirwa 1:7). "***Mu kanyiri akaddako Nze ndi asooka era asembayo, bw'ayogera Mukama Katonda, abaawo, era eyabaawo era ajja okubaawo Omuyinza w'ebintu byonna.***" (v.8)

Mu kubikkulirwa 4 Ne ndaba era laba oluggi olugguddwawo mu ggulu, n'eddobozi lye nasooka okuwulira ng'elyakagomb,e nga lyogera nange ng'ayogera nti linnya okutuuka wano, nange n'akulaga ebigwanira okubeerawo oluvannyuma lw'ebyo. Amangu ago nali mu mwoyo: era, laba, Entebe y'obwakabaka nga etekedwaawo mu ggulu, era nga waaliwo eyali atudde ku ntebe. (vv.1-2). Yalaba, nga Isaaya bwe yawulira, Omu ayali atudde ku Ntebe era nawulira kye kimu nga Nnabbi mu ndagaano enkadde, "***Mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu, Mukama Katonda omuyinza w'ebintu byonna, eyabaawo era abaawo era ajja okubaawo.***" (v.8)

Muntu ki ayandi gumidde, awatali byonna ebiri mu lwatu ne by'ayogerwa eby'amazima mu by'awandiikibwa ebitukuvu ku Katonda, okusigala mu kulimbibwa okwa "abantu abassatu mu Katonda"? Buli akwali ayagala okumanyibwa eri abantu tebagenda kusobola kwewombeka n'okwewayo mu mikono egyamaanyi egye kigambo kya Katonda. Naye bonna abakkiriza nga ebyawandiikibwa bwe bigamba bali funa okubikkulirwa kwa Katonda ne bakkiriza okuterezebwa.

### **Y'eyongerayo era y'ava eri Katonda**

"***Kulubereberye*** – si mu butaggwaawo ekitalina ntandikwa n'ankomerero – ***waaliwo kigambo, kigambo n'aba awali Kantonda...***" (Yokaana 1:1) Kino kitulaga entandiikwa y'ebiseera nera kigenda mu biro by'endagaano enkadde ekiwandiko ekiddako eyogera ku ndagaano empya, "***Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gyetuli...***" (Yokaana 1:14). Mu kumaliriza kyo kigendera ddala, "ne kigambo n'aba Katonda." ekisumuluzo kyo kutegera okutuufu

okw'eby'awandiikibwa kwe kugata endagaano enkadde n'empya awatali kubuusabuusa. Omu asonga mu bijja mu maaso nga atu gamba ebigenda okubaaowo, abalala mu bifo ebyeyongerayo okutukulemba mu kutuukirira.

Okuyita mu ndagaano enkadde yonna tu mulaba nga Katonda, mu ndagaano empya nga ayingira mu mubiri gw'omuntu nga Omwana – nga ezzadde ebereberye eri aboluganda bangi obujulizi bwe nga omwana eri abawandiise kwolwo ne leero kyekimu, *"Yesu n'agamba nti singa Katonda ye kitammwe, mwandi gyagadde nze: Kubanga nava eri Katonda..."* (Yokaana 8:42). nga ayogera eri abayigirizwa be kwolwo ne kaakano agamba, *"Kubanga kitange yennyini abaagala, kubanga mu gyagadde nze mu kkirizza nga nava eri kitange."* (Yokaana 16:26-33). Mu kusaaba kwa kabona ow'awaggulu Omwana yalaga, *"njolesezza erinnya lyo abantu be wampa okubagya mu nsi: bali babo, n'obampa nze; n'abo bakutte ekigambo kyo bategedde nga byonna bye wampa biva mu gwe: bibawadde; ne babiganya, nebategera amazima nga nava gyoli ne bakkiriza nga gwe wantuma."* (Yokaana 17:6-8).

Omwana, eyeyongerayo era nava eri kitaawe, yalanga okukka kwo mwoyo, naye ye yongerayo nava eri kitaawe, *"Naye om'ubezi bwaliija, gwendi batumira, ava eri Kitange, Omwoyo wa mazima, ava eri kitange, oyo ali tegeza ebyange."* (Yokaana 15:26). Mu ndagaano enkadde Katonda Ya gamba, *"Awo olulituuka oluvannyuma ndifuuka omwoyo gwange ku bonna abalina omubiri..."* (Yoweri 2:28). Mu ndagaano empya byatuuka. Obunnabbi bonna okulanga okuzaala kw'omwana n'okufuuka kwo mwoyo omutukuvu byatukirizibwa. Kyatandika no kubutikira mariamu n'omwoyo omutukuvu, n'olwekyo kitange na beera n'omwana eyali tayitibwa "Omwana w'omwoyo omutukuvu" – nga mu nsonga yo muntu eyeyawudde kiri no kuba – , naye "Omwana wa Katonda" (Lukka 1:35). Omwana yekka eyazalibwa n'omwoyo omutukuvu yali oluvannyuma lw'okubatzibwa kwe nga njuziddwa n'omwoyo omutukuvu (Matayo 3:13-17), n'olw'ekyo okujuzibwa kwo bulamba bwa Katonda bwakolera mu mubiri mu ye, nga bwe ky'awandiikibwa, ***"Kubanga mu oyo mwe mutuula okutukirira kwonna okw'obwakatonda ng'omubiri bwe guli"*** (Abakkolosaayi 2:9), n'olw'ekyo kisobole okutukirizibwa, ***"era mwatuukirira mu ye, gwe mutwe ogwokufuga n'obuyinza bwonna"*** (v.10). Omulanzi yalanga ekyabeerawo, *"Nze batiza n'amazi olw'okwenenya: naye oyo ajja enyuma wange y'ansinga amaanyi, sissanira n'akukwata ngatto ze: oyo alibatiza n'omwoyo omutukuvu n'omuliro"* (Matayo 3:11).

Ky'awandiikibwa mu Bikolwa by'abatume 2 mu kwegata kw'okufuukibwa kw'omwoyo omutukuvu. Omutume peteero ya kimanyirira na wa obujulizi kw'abo ababatizibwa na funa ekirabo ky'omwoyo omutukuvu (Ebikolwa by'abatume 10:44-48). Mu sula 11

nate ya tekawo esiira ku mazima gano, kulwa byonna emirembe gyonna kyali kyikwata ku nsonga, **"Bwe nnali kyezigye ntanuule okw'ogera, omwoyo omutukuvu nabagwako era nga bwe yasookera ku ffe ne njujukira ekigambo kya Mukama waffe we yayogera nti Yokaana yabatiza n'amazi naye mwe muli babatizibwa na mwoyo mutukuvu."** (Ebikolwa by'abatume 11:14-18). Bonna abaana bo bulenzi na bo buwala aba Katonda ba funa obumanyirivu bwe bumu. Bawulira ekigambo, bakifuna nga ensigo ya Katonda mu mitima gyabwe ne bazalibwa omulundi ogw'okubiri n'omwoyo omutukuvu (Yakobo 1:18; 1 Peteero 1:23) eri esuube eritaggwawo n'obumanyirivu, "Okujjuzibwa" n'Omwoyo Omutukuvu.

Nate twagaala okubuuza, Ani eyabawa obuyinnza ba jjajja ba makkanisa okugya wabweeru obujjulizi obw'amazima obw'ekigambo ky'akatonda ne basiikiza ekigambo ne jikiriza ne bilagiyo by'abantu? Tuli n'okweyongera okubuuza lwaki amakkanisa ga ba protestanti gasigala mu jikiriza y'obuwangwa n'okwenenya okutali kwa mu by'awandiikibwa. N'akyo kirina okubuuzibwa, si kya, okuva mu lubereberye, ebyafayo bidingana mu ngeri nti abazimbi baagaana Ejjinja Ekkulu ery'oku nsonda Ye naye lye jjinja Ekkulu, era nga yasooka ate y'asembayo. Kino kigambibwa mu byawandiikibwa byo bu nnabbi eri abo abazimba okusenziira ku ku nteekateka zabwe bennyini, **"Ejjinja abazimbi lye baagaana lifuuse ekkulu ery'oku nsonda."** (Zabbuli 118:22). Kulw'abamu **"Era aliba ng'awatukuvu" eri abalala** **"aliba ng'ejjinja ery'okwesitalwako era olwazi olugwisa."** (Isaaya 8:14). **"Mukama Katonda kyava ayogera nti laba, nteeka mu sayuuni ejjinja okuba omusingi, ejjinja eryakembwa, ejjinja ery'oku nsonda ery'omuwendo omungi erinywezebwa ennyo wansi: akkiriza talyanguyiriza."** (Isaaya 28:16).

Katonda ya tekawo ebintu byonna ku musingi omunywevu ogw'okukkiriza n'okubikkulirwa. Bw'atyo bw'ayogera Mukama Yesu, **"Yesu n'abagamba nti Temusomangako mu byawandiikibwa nti Ejjinja abazimbi lye baagaana lye lyafuuka Omutwe gw'ensonda: Kino kyava eri Mukama..."** (Matayo 21:42). Kyaliwo bw'ekityo n'olwekyo ye mwennyini yali azimba ekkana ye nera eri "kyakatabanguko mu maaso gaffe". Omutume Peteero yawandiika mu bujuvu ku somo lino mu 1 peteero 2:1-10.

Awatali kisa, wansi w'okusiikirizibwa n'omubi Ekigambo kya Katonda Ekitaggwawo kya tekebwa wabweeru mu maanyi ne jjinja ery'oku nsonda lisulibwa wano na wali. Naye kaakano awatali kya kwe kwasa ejjiriza yonna eya Baibuli erina okutekebwa mu maanyi nate n'obuyinza obw'enkomeredde obw'ekigambo kya Katonda. Ejjiriza yonna n'obulombolombo bw'amakkanisa obutali mu byawandiikibwa buli no kuletebwa wansi. Ejjinja Ekkulu lirina okuzibwayo ne litekebwa



mu kifo kya lyo ekituufu mu biseera byo kutambula kw'omwoyo omutukuvu wansi w'esaanyu, *"Kisa kisa kwe kyo"* (Zekkaliya 4:7). Obulombolombo bwonna obutali bwa byawandiikibwa, ebirowozo n'okuvunuula bigya kuggwaawo, Naye Ekigambo kya Katonda kyoka kirisigalawo Emirembe gyonna (Isaaya 40:8; 1 Peetero 1:25; Lukka 21:33). Bw'atyo bw'ayogera Mukama *"alanga enkomerero okuva ku lubereberye, n'ebigambo ebitannakolebwa okuva ku biro eby'edda; ayogera nti Okuteesa kwange kulinywera era ndikola bye njagala byonna."* (Isaaya 46:10).

Abakozi bonna mu bwakabaka bwa Katonda balina obuvunanyisibwa bunene eri ememe ezibavunanyisibwako. Tebasobola ku kitwala nga kigonvu bw'ekityo ng'omuntu omu agenda kuba mu butaggwaawo. Buli omu alina okwebuuzza mwennyini nti ejigiriza gya kikirira y'atandiikira wa. Obujulizi bw'omumunuzi bwa lwatu era bulambulukufu, *"Awo Yesu n'abaddamu n'agamba nti okuyigiriza kwange si kwange, naye kw'oli eyantuma. Omuntu bw'ayagala okukola oli by'ayagala, alitegeera okuyigiriza kuno oba nga kwava eri Katonda, oba nga nze njogera bya magezi gange."* (Yokaana 7:16-17).

Kino kisobola okugambibwa n'ababuulira, ababuulizi, abayigiriza, abalunzi nabalala aba leero? Wano ekibuuzo eky'omugaso n'akyo kirina okubuuzibwa, Oba nga Okuyitibwa n'okutumibwa ba kufuna okuva eri Mukama, Kw'kyo kigenda eri, *"Ddala ddala mbagamba nti Asembeza buli gwe ntuma, ng'asembeza nze: era asembeza nze, ng'asembezeza oli eyantuma."* (Yokaana 13:20). Awo wokka bwe kisobolwa okugambibwa mu mazima, *"Abawulira mmwe, ng'awulira nze; era anyooma mmwe ng'anyooma nze; n'oyo anyooma nze ng'anyooma eyantuma."* (Lukka 10:16). Eri ani ekyo gye kigenda leero, *"...nga kitange bwe yantuma nze, nange bwe ntyo mbasindika mmwe."* (Yokaana 20:21b). Bannabbi n'abatume bali baddu abatumbibwa ddala ne Mukama. Kiki era ani gye tuwulira leero mu kungana zonna enyingi ezenjawulo?

Ekigambo kya Katonda ekya bikulwa ba kifuula kya bufirosofo n'okuyigirizibwa mu matendekero. Okuyitibwa kwa Katonda kwa sikizibwa no ku yigirizibwa kwa matendekero ge ddinni. Te ki kya genda eri bangi ku baweereza *"Bayigirizibwa ku matendekero ebya Katonda."* Okukkiriza kwa fuusibwa mu bufirosofo, ne wankubadde nga Omutume Pawulo yali amaze okuva okulabula kuno, *"Mwekuume tewabeerangawo muntu abanyaga mu bufirosofo n'eb'obulimba ebitaliimu, okugobereranga ebyayigirizibwa abantu, okugobereranga eby'olubereberye eby'ensi, okutali kugoberera Kristo."* (Abakkolosaayi 2:8).

Ekyisoomoza buli muddu wa Katonda olwa leero kye kimu, *"buuliranga ekigambo; kubiririzanga mu bbanga erisaaniramu*

*n'eritasaaniramu; weranga, nenyanga, buuliranga n'okugumiinkiriza kwonna n'okuyigiriza."* (2 Timoseewo 4:1-5). Nebyo ebigambo eby'amaanyi Pawulo bye ya gamba mukozi mune Timoseewo. Si muweereza nti ye buyinza Naye Ekigambo kya Katonda kye kisembayo eky'enkomeredde era kye kyoka ekirina obuyinza bwa Katonda.

### **Ndizimba Ekkansa Yange**

Kristo alina Ekkansa emu yokka, eyo gye yanunula era bayita okuva mu mawanga gonna, amaggwanga ne nimi zegata naye mwennyini. Omulokozi ya gamba, "...Ndizimba Ekkansa yange..." (Matayo 16:16-18). Ekkansa Ye mwennyini aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo (Abafiripi 1:6 a.o.) *"Alyoke agyereetere yennyini ekkansa ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunyiwo newakubadde kyonna ekifaanana nga bino; naye ebeere entukuvu, eteriiko bulema."* (Abaefeso 5:27).

Kino kye kitundu ekisinga omugaso mu byafayo. Kaakano enjiri etaggwaawo eri kubuulirwa ng'obujulizi eri amawanga gonna (Matayo 24:14; Okubikkulirwa 14:6). Ekyefaananyisisa na kino, okuyitibwa kw'abo bonna abakkiriza ab'amazima abakola ekkansa y'omugole kuli kubeerawo. Kaakano abanja babe, *"Kale muve wakati w'abo, mweyawule, bw'ayogera Mukama, so temukomanga ku kintu ekitali kirongoofu; nange ndibasembeza"* (2 Abakkolinso:6:14-18). Ekiragiwo kino kigya kweyongera okugobererwa n'abo bokka abalina obumanyirivu bw'okwetekateka era abali ekitundu ku kkanisa y'omugole. Mukama yatekawo obuweereza obw'enjawulo eri emirimo gy'enjawulo mu kkanisa, nga bwe kyawandiikibwa, *"Era Katonda yassaawo mu kkanisa abalala okusooka abatume ab'okubiri bannabbi ab'okussatu b'ayigiriza..."* (1 Abakkolinso 12:28; Abaefeso 4:11-16 a.o.). Obuweereza bwe butyo tebutegekebwa mu ma semina naye abalondebwa ne Katonda abaddu bwe batyo ba kulemberwa n'omwoyo omutukuvu mu bintu ebikwatagana n'obwakabaka bwa Katonda, oluvannyuma lwo kufuna okuyitibwa Kwa Katonda.

Omutume Pawulo awandiika ku abo abalondebwa eri okulangangirira kw'ebyama byo'bwakabaka bwa Katonda, *"Omuntu atulwoozenga bw'ati nga tuli baweereza ba Kristo era abawanika be byama bya Katonda. Era wano kigwanira abawanika, omutu okulabikanga nga mwesigwa."* (1 Abakkolinso 4:1-2). N'olwekyo tulina okuwaabira bonna abalina omukono mu kuyigiriza ebitali mu byawandiikibwa.

Kiri n'okuba nga tekibikidwa okuwangula ebigezo eri Ekigambo kya Katonda. Mu biseera bye byafayo bye kkanisa okuteesa kwonna

okwa Katonda kwali tekunaba kubikulwa nga bwe kuli kaakano. Nga bwe kyali mu lubereberye mu kujja okwasooka okwa Kristo bw'ekityo bw'ekiri kaakano nga tanakomawo. Mu kusooka nnabbi ey'asuubizibwa yalabika ku nsi (Isaaya 40:3; malaki 3:1), nga bwe tusanga nga bikakasiddwa mu njiri enya, omusaja ayatumibwa okuva eri katonda okutegeka ekubo lya Mukama n'okujulira ku musana ogwakira bulyomu nawo omununuzi eyasuubizibwa, masiya Yokaana ye yali ya yannjula yalabika ku nsi.

Kaakano Mukama ayogera eri ababe nga bweyakolanga, nga abalaga ebigambo byonna, okutandika ne Musa, ne Zabbuli ne bannabbi okweyongerera n'endagaano empya yonna. Buli akkiriza bye yasuubiza mu kigambo kye, eri ye kiri mubikkulirwa era ali tegeera (Lukka 27:49). Buli atakkiriza tasobola kufuna kubikkulirwa. Okukkiriza kwokka kwe kukulemba mu kubikkulirwa n'omwoyo. Oluvannyuma lwa Mukama nga ayogede eri abayigirizwa be okubalaga ebyama ebya kwekeebwa mu ngero, Yabuuza, *"Mubitegede ebigambo bino byonna? N'amugamba nti wewaawo. N'abagamba nti buli muwandiisi eyayigirizibwa ebyo bwakabaka obw'omugulu, kyava afanana n'omuntu alina enyumba ye aggya mu tterekero lye ebintu ebiggya n'ebikadde."* (Matayo 13:51-52).

Omuddu ayatekebawo ne Mukama tali langa mazima ga kitundu, naye mu kutegeera okw'amazima okwe kigambo ku yigiriza okuteesa kwonna okw'obulokozi. Mu kamwa ka baddu ba Katonda bonna ekigambo kye kisigala emirembe gyonna nga ge mazima, nga bwe kyava mu kamwa ke (1 Bassekabaka 17:24). Kaakano ebintu bissatu by'egasse: ne "Mmere" ne "bwekiri" era ne "omulimo" gya Katonda byonna ebitukurizibwa ne kkanisa y'omugole. Nga bwe kyali n'omugole omusaja bw'ekityo we kiri n'omugole, *"Yesu n'abagamba nti ekyokulya kyange kwe kukolanga eyantuma by'ayagala n'okutuukiriza omulimu gwe."* (Yokaana 4:34).

Fenna tulina okutwala ekyo Mukama kye yali ategeza bwe yagamba, *"Omuntu tabanga mulamu nammere yokka, wabula n'abuli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."* (Matayo 4:4), Kubanga kyawandiikibwa, *"Laba ennaku zijja, bw'ayogera Mukama Katonda, wendiweereza enjala mu nsi, eteri njala ye mmere newakubadde enyonta ey'mazzi naye enjala ey'okuwulira ebigambo bya Mukama."* (Amosi 8:11). Naffe tulina okukakasa ekituufu nti buli kuvunula kw'omuntu okwekigambo kya Katonda asituula obusagwa bw'omusota n'okufa okw'omwoyo n'akyo. Tuli n'okutegeera akamaanyiso akanamadala ak'ekigambo kya Katonda mwokka okwagala kwa Katonda we kibikkulirwa. Kya mugaso munene okutegeera kiki Katonda kye yayogera ekiganda okubaawo nga tanakomawo ng'omugole omusaja. Tuli n'okubuuza nti buweereza ki obuli n'okubaawo. Ekirubirirwa ekinene ye Eriya ey'asuubizibwa, okuyita mu buweereza bw'ani

ekigambo kya Katonda ekijuvu n'okwagala okwanamadala okwa Katonda kuli n'okutegerekeka nga ebiseera bye kisa te bina ggwaawo. *"Yesu n'addamu nagamba nti eriya ajja ddala alirongoosa byonna."* (Matayo 17:11). Obuweereza nabwo obw'okuyigiriza Katonda bwe yasubiza mu butuufu okuteka ebintu byonna n'okugabula emmere ey'atekebwa mu tterekeero ly'emmere, *"Kale aliwa nate omuddu oyo omwesigwa ow'amagezi, Mukama we gy'eyasigira ab'omunyumba ye okubawanga emmere yabwe mu kiseera ky'ayo? ... Mazima mbagamba nti alimusigira ebintu bye byonna."* (Matayo 24:45-47). Bw'ekutyo okuzibwa obujja kubeerawo ddala, nga obuweereza bwa bannabbi webwegatta ku buweereza bw'okuyigiriza, awo ebintu byonna bizibwa mu kikula kyakyo ekyasooka.

Ebigambo ebitaliimu tebilina makulu eri abo aba by'ogera n'abo aba biwuliriza. Omutume Pawulo N'olwekyo y'awa Okulabula, *"Omuntu yenna tabalimbanga n'ebigambo ebitaliimu..."* (Abaefeso 5:6). Omununuzi waffe kya gamba, *"Ne ndyoka ngyogera nti laba nzize mu muzingo ogw'ekitabo ekyampandiikwako, okukola by'oyagala, ai Katonda."* (Abaebbulaniya 10:7-10). Ku banunulwa naffe tusoma, *"N'agolola omukono eri abayigirizwa be, n'agamba nti laba mange ne baganda bange! kubanga buli akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala ye muganda wange ye mwannyinaze, ye mange."* (Matayo 12:49-50), era nate, *"Kubanga mwetaaga okuguminkirizanga bwe mulimala okukola Katonda by'ayagala mulyoke muwebwe eky'asuubizibwa."* (Abaebbulaniya 10:36-39). Kaakano emmere y'omwoyo erina okutugumya tusobole okukola okwagala kwa Katonda. Okusaaba kwokka, "Okwagala kwo kukolebwe..." Si ky'amugaso eri omuntu yenna nga bwe kyali no mukulu, bw'ekityo kirina okuba n'abo bonna abakkiriza ab'omubiri gwa Kristo okutuusa okwagala kwa Katonda nga kukoledwa okutuuka ku kutuukirizibwa.

### **Omuntu yenna alina oku kyogerako**

Omuntu yenna alina oku kyogerako era nawa okulabula. Mu mawanga gonna ag'ensi bano ab'ekitiibwa abakyise b'enziikkiriza z'enjawulo balwanirira ebyo ebyenjigiriza zabwe bennyini era bakuma obuwangwa bwabwe nga "Obuwangwa obusinga". Bonna batuma abaweereza babwe abali kubwatuka buli wamu. Tetulina nzikkiriza ez'enjawulo zokka ez'ensi eno, naffe tulina 342 "Amakkanisa g'abaKristayo" agegase mu "Kuteesa kw'amakkanisa g'ensi", ekyatandiikibwawo mu gw'omunana 23, 1948, mu Amsterdamu. Bonna bagamba nti bakkiriza mu Katonda era ne mu Baibuli, naye bayigiriza ne bakola ebintu mu ngeri y'enjawulo. Kw'ekyo bali kuzimba bwa kabaka bwabwe bennyini. Naye nga bakifananyisa nti bw'akabaka bwa

Katonda. Ekkansa ya Yesu Kristo teri kulwanirira nsi ku gi kakasa oba okuba n'amaanyi g'ensi, naye yo ki gikaakatako okuba n'okukkiriza okw'aliwo lumu eri bonna okw'alondebwa eri abatukkirivu (Yuda 3) Guno gwe gwali omulimu mu nnaku z'abatume; kuno kwe kutumbwa kwaffe leero. Ekigambo kya Katonda kirina okutegeerebwa nga kituufu mu bintu byonna. Okuvunuula n'okuyigiriza kw'abantu kwo kulimbibwa kwa mulabe okulina obutagenderwako. Te kikola makulu ng'ababuulizi bogera ku kukomawo kwa Kristo n'obubonero bwe kiseera ky'enkomerero, naye basigala mu by'edda bye basikira ebitali bya njigiriza yamu byawandikibwa. Buli anonyereza amazima mu bw'enkanya ategeere ekituufu nti abo abasoma okulagibwa kuno balina okusalawo. Bwe kityo bwe kinaabanga ekigambo kyange: tekiridda gye ndi nga kyereere, naye kirikola ekyo kye njagala, era kiriraba omukisa mwekyo kye nnakitumirira. (Isaaya 55:11).

Omu n'olwekyo alina okugamba eky'agalwa okuterezebwa, era ng'asobola oku kigamba mu linnya lya Mukama. Ekitundu eky'enaku kiri nti abantu mu bukristayo te bamaanyi n'ako nti nti fenna tw'azalibwa mu era tubeera mu "kukkiriza kw'obulimba". Okuvunuula kuli buli wamu, naye si kigambo!

Omutume Pawulo teyalina kubuusa nti yali abuulira enjiri y'amazima, kubanga ye ya kufuna n'okubikkulirwa kwa Yesu Kristo. Nga amaanyi ku lw'ekyo obuvunanyizibwa bwe yalina eri Katonda Y'alanga ekikorimo eri abo bonna aba buulira enjiri eddala (Abaggalatiya 1). Naye leero bangi bogera ku mukisa era ne babuulira enjiri eddala, awatali ku gyi maanya. Nate tubuuzza **"Ebyawandiikibwa bigamba ki?"**, ne bonna aba Katonda bajja kutwala eky'okuddibwamu kyoka eky'isangibwa mu kigambo kya Katonda. Naye abalala bajja kw'eyongeera ne bigambo by'amakkanisa gabwe n'okubikuma.

Okusingira ddala tebategeera era bavunuula bo bennyini mu biseera by'ebyafayo by'ekkanisa – wadde ne bano abafuusa Baibuli mu nimi abamaanyiddwa – era bakyali ku lunaku luno olwa Matayo 28:19 *"...nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu."* Kye kimu kimanyisa ng'ekyo Mukama waffe kye ya yogera mu Yokaana 20:23; *"be munaggyangako ebibi bonna baggibwako; be munaasibiranga ebibi bonna, bisibirwa."* Nakyo amasomo ga Baibuli amalala nago gakubaganyisibwako mu ngeri yabwe gy'ebagala. Naye, buli njigiriza yali ennyo oba mu butono tebategeera era baddamu oku vunuula. N'olw'ekyo tulina okuwaabira omuntu yenna eri entebe ya Katonda ey'omusango. We tuba nga tuli b'enkanya era nga twagala obutesanga mu mivuyo z'omwoyo, tulina Okudayo mu lubereberye. Awo wokka tugya kutegeera engeri ab'atume gye

bakolaganaga ne jigiriza zino, ze batawakanya n'ako, naye b'azitegeera mu bw'angu n'ebazikola mu butuufu.

Omutume Yokaana awandiika, **"Ekyabaawo okuva ku lubereberye, kye twawulira, kye twalaba n'amaaso gaffe, kye twatunuulira, era engalo zaffe kye zaakwatako ... tubuulira mmwe"** (1 Yokaana 1:1-3) – Si ebyo eby'ayannjulwa ebyassa ebya yita. Ku lubereberye lw'ekkanisa ye ndagaano empya, ebintu bya kolebwa ng'omutume Peteero, Oyo eya londebwa ne Mukama eya zukkira era yalina ebisumuluzo byo bw'akabaka, Yalagira. Mu kubuulira okw'asooka mu lunaku lw'abapentakoti ya kulembeera abo abali ba noonya omulyango n'agulira abo abakkiriza. Yabalaga ekubo etono n'omulyango ogu ba kulembeera eri obulamu obutaggwaawo okuyita mu kwenenya n'okubatizibwa. Bw'ebatyo bwe ba yingira mu bw'akabaka bwa Katonda, n'okukkiriza era n'okugondera. Ya kigamba mu butuufu byakyo nga Mukama waffe kye yali agambye mu Matayo 28 era mu ku kakasibwa n'okutumibwa mu njiri ya Makko, **"Akkiriza n'abatizibwa, alirokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga."** (Makko 16:16).

Omutume Peteero ya twala okutumibwa mu njiri ya Lukka nga bw'etyo, **"...era amawanga gonna okubuulirwanga okwenenya n'okuggibwako ebibi mu linnya lye..."** (Lukka 24:47). Mu kubuulira okw'asooka n'olw'ekyo n'akyo kya tukkirizibwa ekyo Mukama waffe kye yali agambye mu njiri ya Yokaana, **"be munaggyangako ebibi bonna, baggibwako; be munaasibiranga ebibi bonna, basibirwa."** (Yokaana 20:23).

Okusonyiwibwa kw'ebibi kwa lagirirwa okuyita mu njiri era bonna abakkiriza ba ki maanyirira. Eri bo abakkiriza mu mazima, omusaja wa Katonda ow'esawa ey'asooka y'andi gambye, "Ebibi byamwe bisonyiiddwa mu linnya lye!" bonna abatta kkiriza ebibi byabwe tebyasonyiwbwa. Okukkiriza kuva eri okubuulira kw'ekigambo kya Katonda (Abaruumi 10). Bonna abakkiriza, ebibi byabwe byasonyiwbwa, era bonna abatta kkiriza ebibi byabwe tebyasonyiwbwa. Bw'ekityo bwe kiri eri olunaku luno okulagirira okw'enjiri ya Yesu Kristo. Okutumibwa okunene kwa beerawo mu lukungaana olw'asooka ku lunaku lwa pentakoti nga bwe kyawandiikibwa mu njiri enya – kya buulirwa mu butuufu nga byonna bwe byali ne bicolwa. Okusooka okubuulira, ekiddako okukkiriza, kigobererwa n'okwenenya kya kolera okuyita mu Mwoyo era n'okusonyiwa omu kw'afuna. Obumaanyirivu obuddako kwe kubatizibwa mu mazi era ne mu mwoyo omutukuvu.

Buli alaba butakwatagana wakati w'okutumibwa okunene Mukama kwe ya wa era n'ebicolwa by'abatume abamu te ba bi tegeera nti okubatizibwa kwali n'okukolebwa mu linnya. Kitaffe si linnya, Omwana n'Omwoyo Omutukuvi si mannya. Byo bilaga nga Omutonzi,

Omulokozi, Kabaka, nebilala. Okubatisibwa kwali kulina okukolebwa mu linnya, nga bwe kyaliwo. Kitabo kya kikuula ki kye twandibadde tusoma singa birimu obw'awufu n'obutakwatagana? Obutakwatagana buli mu mitwe gy'abantu mwokka, Oluvannyuma omulabe aba vunuiliridde bubu Ekigambo. Kulwa abo abalimbibwa naye, Ekigambo kya Katonda te ba kikola nga kya makulu era bo ba gendera ku buwangwa bwe kkanisa. Bw'atyo bw'ayogera Mukama eri bo, ***"Naye bansinziza bwereere, nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata...muleka etteeka lya Katonda, ne mukwata obulombolombo bw'abantu..."*** (Makko 7:7-13).

### **E'linnya mu ndagaano Enkadde n'empya**

Omugaso gw'elinyanya lya Mukama waffe nate guli labisibwa mu kamanyiso ka kwo ak'okukkiriza, okubatizibwa, era n'obulokozi obujuvu. Mu nnabbi yoweeri tusanga okutebereza nti abo abali yita erinnya lya Mukama kulw'obulokozi bw'ememe zabwe zilirokolebwa. Ekisuubizo ki soma, ***"Awo olulituuka buli alisaba erinnya lya Mukama alirokoka..."*** (Yoweeri 2:32). Mu kubuulira okw'asooka Omutume Peteero yalagirira kino ekigambo kyo bunnabbi eri obujji bw'abantu mu Bikolwa by'abatume 2 ***"...lulituuka..."*** okuyita mu mulimu ogw'amalibwa ogw'obununuzi kwavamu ***"...olwatuuka..."*** ***"Awo abakkiriza ekigambo kye ne babatizibwa: ne bongerwako ku lunaku luli abantu ng'enkumi ssatu."*** (Ebikolwa by'abatume 2:42).

Omutume yategeza Mukama y'omu oyo nnabbi yoweeri gye ya yogerako. Ku lunaku ekkkanisa y'endagaano empaya lwe y'atandiikibwa yalaga erinnya nga bwe lyali lirina okubeera, ***"Mwenenye mubatizibwe buli omu ku mmwe nga muyingira mu linnya lya Yesu Kristo okujjibwako ebibi bya mmwe..."*** bwekuyo okubatizibwa okw'atumibwa bwe kwakolebwa mu butuufu eri ekkkanisa y'endagaano empya. Okubatiza okw'obussatu kwa buwangwa era kuvoola okubatiza okw'atumibwa, ***nga we kugana erinnya***. Okuyigiriza kwa Kristo, n'akwo okuli nga kwe kuyigiriza ne bikolwa eby'abatume, kusangibwa mu Kigambo kya Katonda kyokka. Okulaga Eky'okulabirako eky'aKristo ne peetero te kimala. Yenna atakkiriziganya na buli kigambo kya Katonda mu bw'enkanya si mutuufu wonna.

Eby'okulabirako bino ebya Baibuli ebiddako bigya kutulaga omugaso gw'okubatizibwa kwennyini. Omutume Pawulo y'etekamu mwennyini bwe yali ajulira, ***"Oba temumanyi nga ffe fenna, ababatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu, nga twabatizibwa kuyingira mu kufa kwe? Kyetwava tuziikibwa awamu naye mu kubatizibwa okuyingira mu kufa: nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu olw'ekitiibwa kya kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulirenga mu bulamu obuggya. Kuba***

*obanga twagattibwa wamu naye mu kifaananyi ky'okuzuukira kwe.*" (Abaruumi 6:3-5). *"Bwe mwaziikibwa awamu naye mu kubatizibwa, era kwe mwazuukiriramu olw'okukkiriza okukola kwa Katonda, eyamuzuukiza mu bafu."* (Abakkolosaayi 2:12).

Obuwangwa obutali bwa Baibuli obwo ku fukirira obuzi ku baana abato kuyitibwa "kubatisibwa" naye mu butuufu si kwo. Ekigambo ky'oluyonani ekyo kubatizibwa "baptisma" kitegeza mu mazima "okunyikibwa ddala" – okunyikibwa mu mazzi. Kino kimanyiddwa nabo bonna abasoma ebya Baibuli. Ebintu okwononebwa ddala Ekigambo Yesu mu Yokaana 3 mu katyabagga kennyini te kyategeerebwa eri bo era ku lwekyo ba kiwa abantu mu bukyamu, *"Yesu n'addamu n'amugamba nti ddala ddala nkugamba nti Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda."* Ba kiggya mu kutegeza kw'akyo, ekyawandiikibwa kya vunuurwa mu bukyamu era okubatizibwa kw'abaana abato kwa lagirirwa okuba okuzaalibwa okupya n'amazi era n'omwoyo. Abato te bamanyi kintu kyonna ku kisa ky'obulokozi era eky'enkomeredde tasobola kuzaalibwa mulundi gwa kubiri n'omukolo bwe guti ogukolebwa. Bwe buuzibwa edda mu bulamu, abo abafuna okubatizibwa kw'obuto ebiseera ebisinga te bagala kuwulira ku kisa era tebagala ku wulira ebya Yesu Kristo. Eyo ejjiriza y'okubatiza etali ya byawandiikibwa ne bikolwa wano tu waabira bonna ababikola eri Katonda.

Okubatizibwa kw'akolebwanga eri abo bokka abakkirizanga, era nti bw'obanga onyiikiddwa mu mazzi. Ng'omuntu yenna nga bw'atekebwa sanduuku n'azikibwa, n'olw'ekyo oyo affa ku bubwe ne Kristo kilaga nti azikiddwa ne Kristo mu kubatizibwa (Abaruumi 6:3-11). Okusitulibwa waggulu okuva wansi mu mazi kilaga nti azuukuka ne Kristo mu bulamu obupya . Fe tetulina nate kukubaganya birowozo ku Katonda oba ku kukubatizibwa, tulina okuteka etegeka y'obw'akatonda mu manyi nate, ***"Mukama waffe omu, okukkiriza kumu, okubatiza kumu, Katonda omu, kitaawe wa bonna, afuga byonna, ayita mu byonna, era ali mu byonna."*** (Abaefeso 4:5-6).

Pawulo yalangirira enjiri y'obw'kabaka bwa Katonda n'erinnya lya Yesu Kristo mu samariya. Bonna abakkiriza, abasaja n'abakazi ba batizibwa mu linnya lya Mukama Yesu (Ebikolwa by'abatume 8:1-17). Oluvannyuma lw'omubuulizi okubuulira enjiri ya Yesu Kristo eri omulaawe eyali asoma mu nnabbi Isaaya, omusaja ya gamba, *"Awo bwe baali batambula mu kkubo ne batuuka awali amazzi; omulaawe n'agamba nti laba, amazzi; kiki ekindobera okubatizibwa?"* Firipo ya ki kakasa, *"Firipo n'agamba nti oba ng'okkirizza n'omutima gwo gwonna, kirungi. N'addamu n'agamba nti nzikkiriza Yesu Kristo nga ye mwana wa Katonda. N'alagira eggaali okuyimirira: ne bakka bombi mu mazzi. Firipo n'omulaawe; n'amubatiza."* (Ebikolwa by'abatume 8:33-40).



Wadde Yokaana yabatizanga awaali amazzi mangi (Yokaana 3:23), kubanga yali n'okubatiza burungi nga bwe balagirwa. Awo Yesu Kristo bwe yamala okubatizibwa, amangu ago n'ava mu mazzi (Matayo 3:16).

Nga Ebikolwa byo kubatizibwa okwe byawandiikibwa kukolebwa, bombi omuntu n'ali kuweereza n'oyo ali kufuna okubatizibwa ayingira mu mazzi . Oba waaliwo omuntu yenna agumira okugana kino, wadde nga kyawandiikibwa? Eyo ekituufu ki kyali mu manyi: Okubuulira, okukkiriza, okubatizibwa. Ani yandi gumidde okuwakanya Katonda ne Kigambo kye era n'asigala mu buwangwa obutali bwa byawandiikibwa?

Mu ndagaano Enkadde erinnya lya Mukama yali YAKUWA bwe kya yitibwa. Mu ndagaano empya erinnya rye JAHSHUA, era nga kye kimu ne NZE, eyandi gambye, ***"Yesu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Ibulayimu nga tannaba kuzaalibwa, nze nga wendi."*** (Yokaana 8:58). YAKUWA ow'endagaano enkadde ye JASHUA/ Yesu ow'endagaano empya. Mu ndagaano enkadde ya labika mu mubiri gw'omwoyo, mu ndagaano empya mu mubiri gw'omuntu, Kubanga ffe otuli mu mubiri gw'abantu, okutununula.

Pawulo abimaliriza bw'ati, *"Kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka: kubanga omuntu akkiriza na mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula nakamwa okulokoka. Kubanga ebyawandiikibwa byogera nti Buli amukkiriza talikwasibwa nsonyi. Kubanga tewali njawulo ya muyudaaya na muyonaani:kubanga omu ye Mukama waabwe bonna, ye mugagga eri abo bonna abamukaabirira: kubanga, Buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokoka."* (Abaruumi 10:9-13).

Mu sula y'okussatu mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume tusoma ku kyamageero ky'okuwonya ekyali ku musaja omulema. Peetero yawa eky'okuddamu, *"Naye Peetero n'agamba nti Efeeza ne zaabu sibirina; naye kye nnina kye nkuwa: mu linnya lya Yesu omunazaaleesi, tambula!"* (v. 6). Mu sula 4: ***"Ne babateeka wakati, ne babuuzza nti maanyi ki oba linnya ki eribakoza mmwe ebyo? Awo peetero bwe yajjula Omwoyo Omutukuvu, n'abagamba nti Abakulu b'abantu n'abakadde, bwe tubuulirizibwa leero olw'okukola obulungi omuntu omulwadde, ekimuwonyezza; mutegeere mwenna nti mu linnya lya Yesu Kristo Omunazaaleesi, gwe mwakomerera mmwe, Katonda gwe yazuukiza mu bafu, ku bw'oyo ono ayimiridde nga mulamu mu maaso gammwe. Oyo lye jinja eryanyoomebwa mmwe, abazimbi, eri fuuse ekkulu ery'oku nsonda. So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweewwa abantu eritugwanira okutulokola."*** (vv.7-12). Omutume Pawulo nga alina obuyinza bwa Katonda kubanga yali n'okuyitibwa okw'omuggulu, awandika, *"Era Buli kye munaakolanga, mu kigambo oba mu kikolwa, mukolerenga byonna mu linnya lya*

*Mukama waffe yesu, nga mwebazanga Katonda kitaffe ku bubwe.*" (Abakkolosaayi 3:17).

Ebintu byonna bitegeza buli kimu, era omusaja wa Katonda ya gamba nti ebintu byonna bilina okukolebwa mu linnya ly'endagaano empya, era ekyo kigenda eri ekkanisa yonna okuyita mu biseera byonna eby'endagaano empya. Ani mutuufu? Katonda oba Bantu? Peetero mu Yerusalemi, Firipo mu Samaliya, Pawulo mu Efesusi – Bonna bali babatiza mu linnya lya Mukama Yesu Kristo. Bw'ebutyo okubatizibwa kusangibwa mu obujulizi bussatu oba obujulizi obusingawo.

Tusobola okulaba bulungi nti esiira mu ndagaano enkadde n'endagaano empya etekeddwa ku linnya lya Mukama, mu eryo ebintu byonna mmwe birina okukolebwa. ***"Buli wantu we njjukirizanga erinnya lyange ndigya gyoli nange ndikuwa omukisa."*** (Okuva 20:24b). *"Kubanga webaba ababiri oba abassatu nga bakuggaanye mu linnya lyange, nange ndi awo wakati waabwe."* (Matayo 18:20). Mu Zabbuli 22:22 tusoma, *"Naabuuliranga erinnya lyo eri baganda bange..."* Mu kubuulira ku lusozi tu gambibwa okusaaba, *"Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya lyo litukuzibwe..."* (Matayo 6:9). Mu kusaaba kw'oyo Kabona ow'ewa ggulu tusoma, *"Njolesezza erinya lyo abantu be wampa oku baggya mu nsi..."* (Yokaana 17:6). Omwana wa Katonda naye ya saaba, *"Kitange Omutukuvu, Obakuumenga mu linnya lyo be wampa...era nabategeza erinnya lyo era ndi tegeeza..."* (vv.11+26). Kye baliko lye linnya, eriri waggulu w'a manya gonna mu oyo Katonda nga kitaffe yebikula mu Mwana. Kino kiwulirwe eri abantu bonna, n'abo, abantu ba Katonda, ba kitwale bulungi okulabula kuno nga kwa bumalirivu, ba kukkirize era bakuteke mu nkola nga bwe kusanidde!

### **Okuggaana enjigiriza ya batume ey'amaanyi**

Kisobooka kitya, nti mu makkanisa wabeerawo akaseera katono nga bagenda mu kusaaba nga batumibwa eri entebe y'ekisa mu linnya lya Yesu Kristo, Kaakano amakkanisa g'obuwangwa mu biseera bino bye bitwaliddwa ebya Baibuli ne bilekebwa? Singa abakulembera aboluganga ba leero singa bategeera nti kino kye kiseera mu ekyo Katonda wa komyawo ebintu byonna mu kikula kya kyo ekyasooka, tekyandibadde kye kimu mu kubo eri enddala? Omutume Pawulo te yandi buuziza, *"Ani eyabaloga?"* (Abaggalatiya 3:1). Ebintu bino ebipya by'annjulwa awaali abantu bonna abava mu buli mivuuyo ba kyetaaba mu.Abantu baletabwa ennyo wansi w'okusikirizibwa okukyamu, nga kino kye gattiddwako ne enyimba enzito nga esuubi lyonna liweddedwo.

Mu bwetavu bonna bakola buli kye babuuzibwa. Bajja mu maaso era nga we kisuubirwa bagwa emabega, nebilala. Omuntu ono akola ebyemivuuyo e'bisiikkiriza alanga nti ba salibwa n'omwoyo omutukuvu

era bayingira mu kiwumulo ne Katonda. Naye bw'ekityo bwe kiri mu butuufu?

Buli yasoma ebyawandiikibwa ebitukuvu amanyi, nti, awatali kulimbibwa, bonna mu maaso ga Katonda bavunama amaaso gaabwe, Okuva ku Ibulayimu (Olubereberye 17:3) eri Musa ne Allooni (Okubala 14:5) eri Yoswa (5:14) eri isiraeri yonna mu kuwaayo yeekalu (1 Bassekabaka 18:39). Dawudi n'akaabira waggulu ***"Mujje, tusinze, tuvunama; tufukamire mu maaso ga Mukama omutonzi waffe..."*** (Zabbuli 95:6-7). Danyeri naye yavuunama amaaso ge (8:18) Yesu n'avuunama n'asaba mu lusuku lwa gesusemane (Matayo 26:38-42). Omutume Pawulo awandika mu 1 Abakkolinso 14:25, ebyama eby'omu mutima gwe birabisibwa; era bw'atyo alivuunama amaaso, n'asinza Katonda, ng'ayogera nga Katonda ali mu mmwe ddala. Ne Yokaana ku kazinga ke patumo ya vuunama amaaso ge (Okubikkulirwa 1:17). Wadde nga ejje lyonna ery'omu ggulu mu ku sinza livuunama: *"Ne bamalayika bonna bali ba yimiridde nga be toolodee entebe n'abakadde n'ebiramu ebina, ne bavunama amaaso gaabwe mu maaso g'entebe, ne ba sinza Katonda, ng'aboogera nti Amiina: omukisa n'ekitiibwa n'amagezi n'okwebaza n'ettendo n'obuyinza n'amaanyi bibenga eri Katonda waffe emirembe ne mirembe. Amina."* (Okubikkulirwa 7:11-12).

Omu alina oku kigamba era nawa okulabula ebintu ebyo si bituufu! Okugwa emabega nga ekigambo kya Katonda bwe kigamba omusango eri abo abatayingira mu kiwumulo kya Katonda. *"Ekigambo kya Mukama kyekiriva kibeera gye bali ekiragiro ku kiragiro, ekiragiro ku kiragiro; olunnyiririri ku lunnyiririri, olunnyiriri ku lunnyiriri; wano katono awo katono; bagende bagwe bugazi bamenyeke bategebwe bakwatibwe."* (Isaaya 28:7:13). Ekyawandiikibwa kino kaakano kitukiriziddwa buli wamu. Singa abantu bagwa emabega nga ebyawandiikibwa bwe bikibikula tewali n'omu yandi yogedde ku mukisa wabula musango. Okulabula okw'anamaddala, "Mugezese emyoyo!" kye kilagiro ekye'njawulo mu biro bino. Kirin'okulwanga mu ku gerageranyisibwa ne Kigambo kya Katonda. Kaakano mu biro by'enkomerero emyoyo gy'obulimba ziri kumpi nnyo no kukola kwa Katonda, nti *"nokukyama bakyamye n'abalonde obanga kiyinzika."* (Matayo 24:24). Omwoyo gwa Katonda gwe gumu bwe guba gukola nga bwe kyali mu lubereberye, awo kulwo bwetavu ebintu byonna birin'okuba nga bwe byali mu lubereberye: Okukkiriza kumu, okubatizibwa kumu, obuweereza bwe bumu, ebirabo bye bimu era n'ebibala by'omwoyo omutukuvu gy'andi labisiddwa. Okulimbibwa nakwo kuli kumpi nnyo ne kituufu kyennyini era buli kweyongeera. Bangga ki, kitwetagisa oku buuza.

Buli atategeera nti bino bye biro ebisembayo nga okukomawo kwa Yesu tekunaba, mwekyo ebintu byonna birina okuzibwayo mu butuufu

bwabyo obw'asooka, tebali tegeera amakulu go kuterezebwa okuyita mu kuyigiriza kwa Baibuli. Kiki Omutume Pawulo kye ya yogera okubaawo eri ebiro by'enkomerero, Kaakano tubilaba. Okuggaana enjigiriza ya batume ey'amaanyi kweyongerera ddala obutakoma, bw'ekutyo omusaja ow'okwonoona eyeegulumiza okusinga buli kintu era akkirizibwa ng'omukulu mu buyinza okusalawo eby'omwyo. Omulabe mwennyini ye mwana w'okuzikirira, aziyiza era eyeegulumiza okusinga Buli kintu ekiyitibwa Katonda oba ekisinzibwa. Bangi tebakitgeera, naye ensi yonna ey'enzikkiriza emuwulilisa, oba n'okutu okumu oba n'amatu gombi, nga bwe batula naye mu lyato limu. Baibuli ekilanga nti bonna abatalina kwagala kw'amazima, ago gokka nga kye kigambo kya Katonda ekitaggwaawo, naye mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bawulira emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani (2 Abasessaloniika 2).

Singa omuntu yenna ta kkiriza ekigambo kya Katonda eky'amazima, abonyerezebwa olwo kukkiriza obulimba obwe kigambo eky'akyamizibwa. Singa omuntu yenna ta kkiriza Omwana wa Katonda, omuntu oyo alina okukkiriza Omwana w'okuzikirira. Buli atakkiriza buli Katonda kye ya gamba okuyita mu nnabbi ow'amazima (Ekyamateeka Olw'okubiri 18;15-19). Eyasuubizibwa Masiya, era eyafukibwako amafuta, nga omutume Pawulo bwe ya kitekako esiira, *"Olulituuka buli mwoyo ogutawulira nnabbi oli gulizikirizibwa mu ggwanga."* (Ebikolwa by'abatume 3:17-26), bali kkiriza nnabbi w'obulimba kya gamba (Okubikkulirwa 19:20). Buli muntu yenna ata kkiriza mu bujuvu Kristo kye ya gamba, bw'atyo akkiriza okuyigiriza kwa b'aKristo bo bulimba. Ku kyokulabilako eky'omutume Peetero ne Pawulo te kitegeeza kintu kyonna, singa omuntu yenna ta kkiriziganya na jigiriza yabwe n'ebikolwa byabwe eby'omwoyo. Obulamu obutalina ntandiikwa n'ankomerero buli eri abo aba kitekerwa. Bwokka nga tukkiriza nga ebyawandiikibwa bwe bigamba, obulamu bwa Katonda bujja. Ekigambo y'ensigo (Lukka 8:11) n'obulamu bwa Katonda obuli mu sigo busobola okugya mu abo bokka aba kufuna n'okukkiriza era ne bafa bennyini ne Kristo. *"N'addamu n'agamba nti asiga ensigo ennungi ye mwana w'omuntu: enimiyo ye nsi; ensigo ennungi abo be baana bo bwakabaka; neggaano y'omunsiko be baana b'omubi."* (Matayo 13:37-38).

Bangi bannabbi bo bulimba ne baKristo bo bulimba, abo abafukibwako amafuta abakozi be by'amagero abe biro by'enkomewrero abo Yesu Kristo mwennyini be yayogerako (Matayo 24), bali mu kussaa ekimu mu kwenenya kw'obussatu, okutategerebwa eri Kristo n'abatume. N'abo bakkiriza nti okubatizibwa kulina okukolebwa mu ngeri y'obussatu ekyo kyo mu butuufu kiwakanya ejigiriza ya Kristo n'abatume. Ekkana ey'amazima yasigala mu jigiriza ya batume

(Ebikolwa by'abatume 2:42). Okujjako okulabika kw'okungulu eri okukakasibwa kw'obuweereza bwabwe, we batekebwa mu kubagezesa ne kigambo balagibwa ng'abatume bo bulimba (Okubikkulirwa 2:2).

Okusinzira mu Matayo 7 okuva mu kanyiriri ka 21, be baliggamba nti twakolanga ebyamagero bingi mu linnya lyo. Naye eri bo bennyini ekibakwatako, baggaana erinnya lino lye bayimba ko ne balikozesa, nga bwe ba ganira ddala okubatizibewa kwa Pawulo mu Baibuli Mu linnya lya Mukama Yesu Kristo. Si betegefu okugumira ekivume kya Kristo, bagala okuwebwa ekitibwa n'abantu (Yokaana 5:44). Awatali ku ki manya, babuulira enjiri eddala, Kristo omulala era bali wansi w'okusikirizibwa kw'omwoyo omulala (2 Abakkolinso 11:1-13). Kaakano kiri n'okuba bw'ekityo, awo ebyawandiikibwa bitukirizibwe, *"Buli muntu aggamba nti Mukama wange, Mukama wange, si ye aliyingira mu bwakakaba obw'omu ggulu, wabula akola kitange ali mu ggulu by'ayagala. Bangi abali ggamba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga byamagero bingi mu linnya lyo? Ne ndyoka mbaatulira nti sibamanyangako mwe: muve wendi mmwena abakola eby'obujeemu."* (Matayo 7:21-23). Okugyako obuweereza bwa bwe obusikiriza abangi ba gya kuggaanibwa era bayitibwe abakola eby'obujeemu n'olw'ekyo batekebwa ku dala rye limu n'omulabe, akikirira ekyama ky'obujeemu. (2 Abasessaloniika 2:3-7). *"Omwana w'omuntu alituma bamalayika be, nabo baggyamu mu bwakabaka bwe ebintu byonna ebisittaza, nabo abakola obubi, balibasuula mu kikoomo ky'omuliro..."* (Matayo 13:41-42).

Okuwaaba kulina okukolebwa mu maaso ga Katonda nabo bonna ab'enzikkiriza eza limbibwa ziri n'okuwaabirwa, byonna ebya vunuulibwa mu Kigambo biri no kuletebwa mu lwatu. Eri Katonda Ekgambo kyoka kye kituufu mwekyo tewali kisobola kw'ongerwako (Okubikkulirwa 22:18). Omusango gwa Katonda gu tandikira mu nyumba Ya Katonda – Mu kkanisa Ya Yesu Kristo. Nga Ekgambo kya Katonda mu lubereberye kyava okuva eyerusalemi n'ejigiriza okuva mu lusozi sayuuni (Isaaya 2; Ebikolwa by'abatume 2). Ku lw'ekyo kaakano ejigiriza yemu ne Kigambo elangirirwe eri ensi yonna. Ku lw'ekkanisa ey'amazima ebyawandiikibwa bino bikola nate, *"Naye mu zze ku lusozi sayuuni, ne ku kibuga kya Katonda omulamuzi, Yerusalemi eky'omu ggulu n'eri obukumi bwa bamalayika, eri ekuggaaniro eddene ely'ekkanisa ey'ababereberye abawandiikibwa mu ggulu n'eri Katonda omulamuzi wa byonna, n'eri emyoyo gy'abatukirivu abaatuukirizibwa, n'eri Yesu omubaka w'endagaano empya, n'eri omusaayi ogw'okumansira ogw'ogera ebirungi okusinga ogwa abbeeri."* (Abaebbulaniya 12:22-24).

Kuno kwe kuyita okusembayo okuyita mu bubaka obusembayo, okuyita okusembayo okuva mu buwambe bwa babulooni. Tetuli kubawo

mu biseera by'okudabulurwa, nga bano 95 bakomererwa emisumali ekkana ya ba castle ne bintu bingi ne bidabulurwa, era nafe tetuli kubaawo mu byassa eby'agoberera, ne okuzibwa obujja okutukulembeera ebuziba mu Kigambo ky'amazima, Kaakano tuli kubaawo mu biro byo kuzibwa obujja okujuvu okw'entegeka ya Katonda mu kkanisa ya Katonda omulamamu. Kaakano emisingi gy'abantu ze ba gunjawo, ebiri ddala ng'omusenyu Naye si "lwazi" guli n'okunyenyesebwa, n'olw'ekyo ekizimbe kyonna kiligwa wansi. Naye oyo ategeera olunaku n'obubaka? Omwetefutefu okugobeerera Mukama buli wamu okutuusa mu kumaliriza? Atwala okuyitibwa mu bumalirivu?

### **E'kisomooza**

Nandi yagadde oku sisinkana omuntu oyo akkiriza n'alanga nti waaliwo bassatu abatalina tandikwa n'ankomerero, Abassatu abalina obuyinza obutaggwaawo, Amanyi byonna, nga babaawo nga abantu abassatu abetengerede, nga bassaa kimu mu byonna, nga bagabana obulamba bwa Katonda. Nti kw'ekyo baba ba katonda bassatu nga takyali Katonda omu, singa enimi zikyali namakulu. N'olw'ekyo "E'nzikkiriza y'obussatu", ekigendera ddala mu lu tunisia Tertullian, eyasooka okutandikiriza ebyo "Obussatu" Buli n'okutekebwa eri entebe ya Katonda ey'omusango. Eri n'okuvuunamira amazima ge Kigambo kye. Enjigiriza ya sabellios, ey'atandikawo "Enjigiriza y'obumu" eri no kuba n'omusango gwe Kigambo.

Kituufu omu asobola okuzibwayo emabega, nga atwala ebyo ebyatekebawo ebiseera bye mabega mu nsi y'enzikkiriza, okusingiladala nti Abayudaaya, Abakristayo, era n'abasiramu bakkiriza mu Katonda y'omu. Kaakano okukulankulana ku genda mu maaso era okufuga kw'enzikkiriza yentegeka y'ensi. Nga we tusoma emitwe emikulu, ekilubirirwa kye "okwegatta kw'enzikkiriza z'ensi." Si bawala bokka aba makkanisa abakomyewo eri ekkana ebazaala, naye e'nzikkiriza eddala nazo ez'ensi zanolizibwa okugenda e roma. Zino ekumi nebiri ezisinga amaanyi zamala dda okulaga okwagala kwa zo okw'obumu. Nti bonna bakkiriza mu Katonda Omu oyo, mu bugonvu kitekebawo, obulimba obutakirizika.



Mu ngeri bw'etyo omu kyise owe "jigiriza ey'obussatu" kitegeza okulaga "Katonda abantu abassatu" kirina okukirizibwa okubuuza obanga Mukama Katonda bw'atyo yatambulira mu lusuku Eddeni. Yali Adamu ey'atondebwa mu kifaananyi kino? Mu buutufu n'edda! Katonda yalabikira Ibulayimu mu ngeri eno? Okusingira ddala enyo n'edda! Yayogera ne musa maaso ku maaso mu n'geri eno? Mu butuufu n'edda abakyise ba "okumanya abantu abassatu" olumu ne ku byonna kilaga butalimu bye bagamba bwe biri. Katonda takiriza muntu yenna okufulumya ebifaananyi ng'ebyo nga bi mu kikirira. N'okulaga ekifananyi ng'ekyo ku menya mateeka ga Katonda ebyo Katonda mwennyini bye ya gamba mu kitabo ky'okuva 20:1-7; kwo kuba kuvoola.

Katonda w'obussatu Eyatondebwa ne bajjajja ba makkansa mu nkola y'obukristayo, kilagibwa nga ebifaananyi bissatu, nga bwe gamanyibwa mu nzikkiriza z'edda, obanga balina ebyennyi bissatu, nga bwe bikikirirwa mu bifaananyi, Si ye Katonda ow'amazima Baibuli gw'eyogera ko mu Okuva 20:1-6; Ekyamateeka Olw'okubiri 5:6-10; Ekyamateeka Olw'okubiri 6:4-9). Abassatu abantu abatalina ntandiikwa n'ankomerero, abassaa ekimu naye nga b'anjawulo tebasobola mu n'geri yonna okuba Katonda oyo Omu yekka, Mu butuufu tasobolera ddala kuba Katonda Omu oyo ow'amazima, Katonda wa Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo, Katonda wa Israeri – Oyo atalina ntandiikwa n'ankomerero. Mukama Katonda mu ndagaano enkadde n'empya alina okuba nga ye Omu, awatali kwe kwassa en'geri gye yelaga mwennyini. Ye mwennyini y'elonda eri abantu be Okwenenya okw'amazima mu kukkiriza, ***"Wulira, gwe Isiraeri: Mukama Katonda waffe Ye Mukama Omu."*** (Ekyamateeka Olw'okubiri 6:4-9). Okwenenya kwe kumu ku genda eri endagaano empya, ***"Yesu n'addamu nti ery'olubereberye lye lino nti wulira Isiraeri; Mukama Katonda waffe, Mukama ye Omu; era yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna."*** Okuddamu kw'abo abali abawuulize kwali, ***"Omuyigiriza, oyogedde bulungi nga Katonda ali omu, so tewali mulala wabula Ye."*** Makko 12:29-32).

Okuva mu gw'omwenda nga 11, 2001 abatuju bwe basaala omuvuzi we nyonyi era ne bavuga enyonyi n'abasabaze bonna oku giyingiza ku munala ggwe kizimbe ky'ebyobusubuzi bw'ensi yonna mu kibuga New york, Bangi banonyereza mu bitabo bya bawandise

b'enjawulo ne bitabo by'ebiyafayo ku nzikikiriza y'obuyisiramu. Tuuze okumanya era kitukanga okuyiga nti Allah yali katonda wa babulooni ow'omwezi ow'edda, eyali alina okugyimusa ebimeera byonna ku nsi. N'olw'ekyo e'nzikikiriza y'obuyisiramu ya londa ekitundu ky'omwezi okuba akabonero kabwe era kye, okuva ku nsonga ya kyo, nga kulwanyisa abatakkiriza okutuusa nga gufuisse omwezi omujuvu, okwo kwe ku ggamba, ng'ensi yonna y'ewaddeyo eri e'nzikikiriza ya Mohammed ne "katonda mwezi", kw'ekyo, aba katonda mulala nnyo, katonda ey'agunjibwa, era nga talina kimufaananya ne Katonda Omuyinza we bintu byonna. Wokka oluvannyuma nga Mohammed amaze okulwana entalo 28 okulwanyisa ama ggwanga amalala gonna, nga abawangude bonna ne ba katonda babwe, ya langirira Allah, katonda we ggwanga lye, okuba katonda yekka asinzibwa mu kaaba Emecca.

Okulangirira nti Katonda ali mu Buli nzikikiriza era ne Kristo asangibwa Buli wamu naky'o bulimba bwa kukunaala. Oyo Katonda yekka ow'amazima era Omulamu yoyo yekka gye tusinsinkana era atusinsinkana okuva mu lubereberye 1 okutuuka ku sula esembayo eye Baibuli. Ne wakubadde nga yelaga mu n'geri y'enjawulo, eri ye yekka kino ekigambo we ki kolera "Owamaanyi yekka".

Mu gw'okutano 14, 1999, mu vaticani, papa ya nywegeera ekitabo ekyazingibwa ekya Korani ku mukolo ogw'okukyala kw'omukadde era n'omukulembeze w'omuzigiti okuva mu kibuga Baghdadi okumala ennaku telefayina ya Iraqa ye yalaga ekifaananyi kino



Kaakano ekilubirirwa kwe kugatta e'nzikikiriza zonna mu kukkirizibwa "*Obweggassi bw'ensi*". Nate Setaani akozesa Ekigambo kya Katonda, "Bonna babeerenga bumu...", naye kileka wabweru eky'agambibwa n'oluvannyuma. Kaakano nakwo okuyitibwa kw'abo abaana ba Katonda kuli kubaawo. Be kisiibo ekitono eky'egatta wansi wa Kristo, nga ggwe Mutwe, mu mazima, "*Bonna babeerenga bumu: nga ggwe, Kitange, bw'oli mu nze, nange mu ggwe...*" (Yokaana 17:21). Mukama ayita ababe bennyini era n'abakalatira okukola okusaalawo nga ba buuzza, "Era Kristo atabagana atya ne Beriyali? Oba mugabo ki eri omukkiriza n'atali mukkiriza? Era yeekaalu ya Katonda yeegatta



etya n'ebifaananyi?" Ekkansa ya Kristo erina okubeera ekifo Katonda ky'abeeramu ku nsi, *"Kubanga ffe tuli yeekaalu ya Katonda omulamu: nga Katonda bwe yayogera nti Nnaabeeranga mu bo, ne ntambuliranga mu bo; nange naabeeranga Katonda waabwe, nabo banaabeeranga bantu bange. Kale Muve wakati w'abo, mweyawule, bw'ayogera Mukama, so temukomanga ku kintu ekitali kirongoofu; Nange ndibasembeza, Era Nnaabeeranga kitammwe gye muli, Nammwe munaabeeranga gye ndi abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, bw'ayogera Mukama Omuyinza w'ebintu byonna."* (2 Abakkolinso 6:15-18).

Mu Mwana yekka Kitaffe yajja gye tuli era mu Ye yekka tujja Ye Kitaffe. Yesu n'amugamba nti, *"Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze ... Tokkiriza nga nze ndi mu Kitange ne Kitange ali mu nze? Ebigambo bye mbagamba nze, sibiyogera ku bwange nzekka; naye Kitange bw'abeera mu nze akola emirimu gye."* (Yokaana 14:6+10). Bw'atyo bw'ayogera Mukama, "Nze ne Kitange tuli omu." (Yokaana 10:30)

### **Kiki eky'esigamibwako?**

Katonda era n'ekigambo kye kyoka ky'esigamibwako. Ibulayimu y'akkiriza Katonda n'atabalibwako kibi (Abaruumi 4). Abakkiriza bonna ab'amazima y'ensigo ya Ibulayimu ey'omwoyo (Abaggalatiya 3). Batambulira mu bigeere by'okukkiriza, nga bakkiriza nga eby'awandiikibwa bwe bigamba. Obujulizi bwa Katonda bulambulukufu, bw'ekutyo bwe buli n'obw'abannabbi n'abatume. Kaakano ekyetagisa bwe bujulizi bwaffe obwagalwa okutambulira awamu n'ebyo ebyawandiikibwa.

Buno Obukristayo buganye okukkiriza kwa mazima ne ba gunjawo e'nzikkiriza yaabwe. Katonda Omu yayawulwa mu bantu abassatu ab'enjawulo, abasinzibwa abassatu nga b'anjawulo. Ne bagoberera Okugulumiza Mariamu mu n'geri ya "Mama wa Katonda", ne "Azaala Katonda" (431 nga Kristo amaze okufa). Kino kya bumalirivu, wano emyoyo gye yawula, kubanga kyawandiikibwa, *"Mutegeerenga ku kino omwoyo gwa Katonda: buli mwoyo ogwatula nga yesu Kriso yajja mu mubiri nga guvudde eri Katonda: na buli mwoyo ogutayatula yesu nga te guvudde eri Katonda: era ogwo ggwe mwoyo gw'omulabe wa Kristo..."* (1 Yokaana 4:2-3). Kubanga bajja be kkanisa balangirira Omwana okuba "Katonda okuva mu Katonda era Obutangavu okuva mu butangavu", ekyo kye, ku lw'ekyo, okwenenya okugendera ddala eri omulabe wa Kristo. Baibuli temanyi Katonda alina nnyina. Katonda ava mu butaliko ntandiikwa n'akomerero okutuuka mu butaliko ntandiikwa n'akomerero. Elizabethi bwe yajuzibwa n'omwoyo omutukuvu, ya yogera ekyabalibwa emirembe gyonna. Bwe ya buuzza

Mariamamu te ya ggamba nti, "Mama wa Katonda aze gye ndi.", naye bw'ekiti bwe kyawandiikibwa mu kitabo ky'amazima, "*Nange no ekigambo kino kivudde wa, nnyina Mukama wange okujja gye ndi?*" (Lukka 1:43). Malayika naye te ya langirira okuzaalibwa kwa Katonda, naye okuzaalibwa kwa Mukama waffe, nga bwe kyawandiikibwa mu Lukka 2:11.

Omwana yazaalibwa, Ye Kristo, Omulokozi, Eyafukibwako amafuta, Masiya, eyelaga mu mubiri gw'omuntu. Si Mwana atalina ntandiikwa n'ankomerero eyelaga mu mubiri – gw'omuntu naye Ye eyali Ekigambo mu lubereberye, nga bwe yali mu lubereberye yelaga ng'Omwana mu mubiri gw'omuntu. Gano ge mazima g'obw'aKatonda. Okwenenya kw'ekkanisa mu bwonna ddala si kwa byawandiikibwa, si kwenenya kwa Kristo, naye okwo kwa mulabe wa Kristo. N'olw'ekyo kyawandiikibwa mu kulaga okwenenya kwa Baibuli okukwatagana ku Mwana, "***Buli muntu yenna agaana omwana, ne kitaffe nga tali naye; ayatula omwana*** – ng'ebyawandiikibwa bwe bi mulangirira – ***ne Kitaffe ali naye.***" (1 Yokaana 2:23). Nga okwogera kuno kumaze okubaawo Omutume Yokaana yalabula ku mulabe wa Kristo, atenenya nti Yesu ye Kristo okuva bw'eyelaga mu mubiri gw'omuntu Kye yatekako esira Kwe kufuukibwako okw'amafuta g'omwoyo omutukuvu, ogutuyigiriza okusinzira ku byawandiikibwa "Nti tewali bulimba – si kw'oyo omwana atalina ntandiikwa n'ankomerero – ye w'amazima" (1 Yokaana 2:18-27). Omwoyo mutukuvu tegwogera lumu ku kuzaalibwa kwo mwana wa Katonda mu ggulu, naye elangirira mu ndagaano enkadde Okuzaalibwa kw'omwana okwaliwo ku nsi, nga endagaano empya bwe kakasa. Mu ggulu waaliyo kyoka »Omwana w'okumakya«, Lusifa. Naye yegulumiza yekka, n'agwa, n'afuuka omuwakanyi (Isaaya 14:12-14; Ezeekyeri 28:11-17), katonda w'ensi eno (2 Abakkolinso 4:4).

Era n'okugulumiza Mariamu ng'omutabaganyi n'omuwolereza, okutuuka okumuyita kabaka omukazi ow'omuggulu, era okutwala obulombolombo obw'ekifo ekyetegeredde era eky'okutwalibwa kwe mu ggulu nebilala, nebilala, byo mulabe wa Kristo. Singa kyaliwo, awo abatume okusingira ddala bandi kilaze mu baluwa zaabwe, nga bwe bakola mu kuwandiika kw'oyo atamanyi musaja mu kuzaalibwa kwa Kristo n'okutwalibwa kwe mu ggulu. Enjogera ezo zonna ezo kukkiriza te zirina musingi gwa Baibuli, teziva eri Kristo, ekitebe ekikulu eky'ekkanisa, era n'olw'ekyo ziri n'okulangirirwa okuba omulabe wa Kristo. Buli kyawandiikibwa kye kitawako bujulizi kiri n'okuganibwa. Baibuli eyogera ku Yesu yekka okuba omutabaganyi era omuwolereza, era teri muntu mulala yenna. Ye yekka ye Kabaka wa ba kabaka. Tewali bwetavu bwa Kabaka omukazi ow'eggulu – oba mu ggulu oba ku nsi. Nakyo kyawandiikibwa, "*Tewali muntu eyali alinye mu ggulu wabula eyava mu ggulu ye mwana w'omuntu ali mu ggulu*" (Yokaana 3:13). Kiki

eky'esigamibwako: nti kigambo kya Katonda kilanga ki oba kkanisa ki bajja ba makkansa ne papa ba gunjizawo mu biseera? Era ne byamaanyi ebikwata ku "kusikiza obuyinza bw'omyo obw'abatume eri ba papa" era nti ne peetero ye yali Papa eyasooka tekikkirizika. Oba Baibuli oba byafayo bya kkanisa teragako mu buwandiike nti yali abeera mu Roma.

Mu kulaga okusinza Mariamu na batukirivu abalala bonna era n'emukulabika kwabwe, omu asobola oku yimiriza eki buuzo singa kino ki kya yitibwa obuweereza bwa Katonda. Okusoma ku Mariamu ne bitibwa byonna ebimuwebwa n'abatukirivu mu butuufu kya bugwirwa eri Baibuli. Oluvannyuma lwo lunaku olwo olwamanyibwa olw'abatume bwe yali nabo 120 yafuna omwoyo omutukuvu eky'etagibwa eri abakkiriza teyayogerwako nate okuyita mu ndagaano empya yonna. Yali ekibya kya Katonda eky'alondebwa, ebeerera, okuzaala Omwana w'obulenzi (Isaaya 7:14) era yali atukkiriza ekyo ekimu, mulimu gw'amuwendo ogw'amuweebwa. Yali era ngalina okuba ekitundu kyo kugwa, omukozi we kibi ng'omuntu, mu oyo omununuzi mwe yali alina okuzaalibwa okutulokola okutujja mu kugwa. N'olw'ekyo yenenya nga Kristo okuba omulokozi we (Lukka 1:47). Ekkansa ya Roma mazima ekyusiza enjigiriza y'aKatonda eyasooka era mu kitundu yafuusa ebintu okuva ku Kristo okubiza ku Mariamu. Setaani, omulangira w'ensi eno, yakozesa bajjajja ba makkansa okuleta okuzikkiriza kw'omwoyo. Omulabe te ya zikkiriza entegeka y'obutonzi yokka naye netegeka ya Katonda ey'obulokozi, n'olw'ekyo Okusinza te kugenda eri Mukama Katonda, Omutonzi era Omulokozi naye wansi w'amaanyi g'enzikira ku ye. Byonna ebintu ebitali mu byawandiikibwa mu abo abagaana Katonda wansi w'obubondo bw'obukristayo bali n'okutekebwa mu kugezesebwa bamale ba tekebwe ku musango.

Bajjajja ba makkansa tebali batume oba bannabbi, ba gunjawo okutegera kwabwe eri Katonda era n'amasomo g'enjawulo, oluvannyuma ga tekebwa okuba ag'okukkiriza n'obulombolombo. Tebalina kutegera kw'okumanya okwanamadala okw'entegeka ya Katonda ey'obulokozi, e'ngeri bwe yagambibwa mu ndagaano enkadde ne baawo mu biseera by'endagaano empya. Katonda ya nunula abagwa okuva ku Ye yayawula omuntu okuva mu kufa era natabagana naffe ne ye mwennyini, nga atuwa obulamu obutaggwaawo. Adamu yatondebwa ng'omwana wa Katonda mu ntandiikwa y'obutonzi bwa Katonda. Kristo ye Mwana yekka eyazaalibwa, entandiikwa y'obutonzi bwa Katonda obupya (Okubikkulirwa 3:14). ***"Oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika, omubereberye we bintonde byonna."*** (Abakkolosaayi 1:15-16). *"Kubanga bwe yamanya edda, era yabaawula dda okufaanaanyisibwa n'engeri y'omwana we, abeerenga omubereberye mu boluganda abangi."* (Abaruumi 8:29). *"Kubanga okufa bwe kwabaawo ku*

*bw'omuntu, era n'okuzuukira kw'abafu kw'abaawo ku bw'amuntu. Kuba bonna nga bw'ebaafira mu Adamu, era bw'ebatyo mu Kristo bonna mwebalifuukira abalamu.*" (1 Abakkolinso 15:21-22).

Eri bonna babazaalibwa-omulundi ogw'okubiri abaana b'obulenzi n'ab'obuwala aba Katonda ebyawandiikibwa ebidako bigenda gye bali, *"Omuntu yenna wa aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekijja: eby'edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya."* (2 Abakkolinso 5:17). *"Era okufuuka abajja mu mwoyo ogw'ebirowoozo byamwe, okwambala omuntu omuggya, eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda mu butukirivu ne mubutuku obw'amazima."* (Abaefeso 4:23-24). *"Nammwe bwe mwali nga mufudde olwebyonono byammwe n'obutakomolebwa mu biri gw'ammwe, yabafuula mulamu wamu naye, bwe yamala okutusonyiwa ebyonono byaffe byonna."* (Abakkolosaaayi 2:13). *"Olwo kuteesa kwe yazaala n'ekigambo eky'amazima, tubeere ng'omwakka omubereberye ogw'ebitonde bye."* (Yakobo 1:18). ***"Bwe mwazaalibwa omulundi si na nsigo eggwaawo wabula etaggwaawo n'ekigambo kya Katonda ekitaggwaawo eky'olubeerera"*** (1 Peetero 1:23).

***"Era nga bwe twatwala ekifaananyi kyoli ow'ettaka, era tuli twala n'ekifaananyi ky'oli ow'omuggulu."*** (1 Abakkolinso 15:49). *"Naye Mukama waffe ggwe mwoyo: era awaba omwoyo gwa Mukama waffe we waba edembe. Nafe fenna we tumasamasa ng'endabirwamu, ekitiibwa kya Mukama waffe tufaananyisibwa e'ngeri eri okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa nga kubwa Mukama waffe mu mwoyo."* (2 Abakkolinso 3:17-18). Omununuzi yali alina okulabika mu mubiri gw'omuntu wano ku nsi okumaliriza omurimu gw'obununuzi. Ku musalaba ya kaba, *"Kiweedde!" "...Katonda, bwe yatuma Omwana we Ye mu kifaananyi eky'omubiri ogw'ekibi era olw'ekibi n'asalira omusango ekibi mu mubiri."* (Abaruumi 8:3).

Nga Katonda emabega bwe yatuma bannabbi bonna wadde ne Yokaana omubatiza eyalabibwa omusaja eyatumibwa okuva eri Katonda naye bonna nga bazaalibwa ku nsi Omwana naye yatumibwa oluvannyuma lw'okuzaalibwa wano ku nsi. Ensobi eyaaliwo okuyita mu yigirizibwa eby'enzikiriza esangibwa mu kabondo kabo abakkiriza nti Omwana abeerawo ng'ogyeko Katonda mu butaggwaawo. Omutume Pawulo yalambulura kino eri ffe mu Baggalatiya 4:4, *"Naye okutuukirira kwe biro bwe kwatuuka, Katonda n'atuma omwana we eyazaalibwa omukazi, eyazalibwa ng'afugibwa amateeka."* Era n'olw'ekyo *"mu byonna okufaanaanyisibwa baganda be, alyoke abeerenga kabona asinga obukulu ow'ekisa omwesigwa mu bigambo ebiri eri Katonda, olw'okutangirira ebibi eby'abantu."* (Abaebbulaniya 2:17).

"Abaagalwa, kaakano tuli baana ba Katonda, so tekinnalabisibwa kye tuliba. Tumanyi nti bwalilabisibwa tuli faanana nga Ye; kubanga

tuli mulaba nga bwali."(1 Yokaana 3:2). Okuzuukira kwe mu mubiri ogw'ekitibwa kwe kukakasibwa kw'okuzuukira n'omubiri gw'ekitibwa.

### **Ebiro binatera okutuuka**

Emabega waffe we wali emyaka enkumi biri egye biro bye kisa ezimanyiddwa nga "ennaku ezisembayo" (Ebikolwa by'abatume 2:17; Abaebbulaniya 1:1-2 a.o.), ebyo Katonda bye yali amaze okubigabanya eri abantu mu biro by'endagaano empya. Eri ffe waaliwo omukolo omunene ogw'okutwalibwa kwe kkanisa y'omugole eri embagaga y'obugole mu ggulu (Matayo 25:1-10; 1 Abasessaloniika 4; 1 Abakkolinso 15; Okubikkulirwa 19). Embaga y'obugole mu kitibwa egobererwa n'okufuga kw'emyaka olukumi okw'omusanvu okw'abantu. Te tugenda ku kyetagisa ffe bennyini ku biro eby'emyaka enkumi biri okuva ku Adamu okutuuka ku Ibulayimu era ne biro by'emyaka ekumi biri okuva ku Ibulayimu okutuuka ku Kristo, bw'ekityo si na biseera bimpi eby'okubonyabonyezebwa wakati w'okukwakulibwa era n'entandiikwa y'okufuga kwe myaka olukumi. Twamala dda okuyigiriza amasomo ge gamu mu bitabo ebilala.

»Olunaku lwa Mukama« lu lagibwa mu n'geri z'enjawulo mu ndagaano enkadde n'empya: nga olunaku lw'okububuka n'obusungu (Isaaya 13:6-16), nga olunaku lwe kizikkiza n'obubonero mu ggulu era ne ku nsi (Yoweeri 2), ng'olunaku oluligya ng'omubi mu kiro (1 Basessaloniika 5:1-4), ng'olunaku olwo emirimu gy'abantu bonna bwe giri gendera ddala wa ggulu mu muliro (2 Peetero 3:1-10) a.o. Mukama Yesu ya yogera ku kyo nga "olunaku lw'okuzuukira". Mu Yokaana sula 6 olunaku luno lw'ayogerwako nga kw'egatta n'okuzuukira emirundi enna. *"Eyantuma ky'ayagala kino mu bonna be yampa aleme okumbula n'omu naye mmuzuukirize ku lunaku olw'enkomerero."* (vv.39, 40, 44, 54). Ku ntandiikwa ye "nnaku ezisembayo" Okuzuukira okusooka era n'emunkomerero ya kwo okuzuukira okw'okubiri kugya kubeerawo. **"... Ne bavaamu; abo abaakolanga ebirungi balizuukirira obulamu; n'abo abaakolanga ebitasana balizuukirira omusango."** (Yokaana 5:29).

*"Abafu abalala tebaaba balamu okutuusa emyaka olukumi lwe gyaggwa. Kuno kwe kuzuukira okw'olubereberye. Aweereddwa omukisa, era ye mutukuvu alina omugabo mu kuzuukira okw'olubereberye: okufa okw'okubiri tekulina buyinza ku bo, naye banaabeeranga bakabona ba Katonda era ba Kristo, era banaafugiranga wamu naye emyaka lukumi."* (Okubikkulirwa 20:1-6). Nawo omusango ogusembayo guli manyibwa nga "omusango gw'entebe enjeru" (vv 11-15). Oluvannyuma kigobeerera eggulu empya era n'ensi empya (Okubikkulirwa 21:1) era ng'ebiro biyingira mu butaggwaawo.

Kaakano nate ebiro bitukidde ebisobola okukomenkerezewa ebiseera byonna. Ne wakubadde tewali n'omu amanyi olunaku oba sawa, obubonero bwe biro bulaga bwe kiri. Okukomawo kwa Kristo okw'asubizibwa kusemberedde ddala, kubonerera kwa Katonda kwokka okuwanvu okulindiridde abasembayo okuyingira obwakabaka bwa Katonda (2 Peetero 3:9). Mu myaka 2,000 abakkiriza abamazima babadde balindiridde okutuukirira kwe bisuubizo Mukama Yesu bye yakola, "...*genda kubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gye ndi; nze gye ndi, nammwe mubeere eyo.*" (Yokaana 14:1-3). Tekibanga naawo tewabeerangawo biseera bwe biti nga bino byona bibeerawo ebigendera awamu n'omukolo omunene ogw'obulokozi, bukkirizibwa nga we buli kaakano. Abasekerezi basobola okubuuza, nga bwe yayogera ku biri baawo mu biseera by'enkomerero, "Okusuubiza kw'okujja kwe kuli luuyi wa?" Omutume Peetero ya kulemberwa dda okuddamu ekibuuzo ekyo, "*Mukama waffe talwisa kye yasubiza ... ng'abalala bwe balowooza okulwa; naye agumiikiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya.*" "*Naye kino kimu temukyerabiranga, abagalwa, nga eri Mukama waffe olunaku lumu luli ng'emyaka lukumi, n'emyaka olukumi luli ng'olunaku lumu.*" (2 Peetero 3).

Ebintu eby'enjawulo ebigenda okubaawo nga tanajja, Mukama Yesu eya yogerwako mu Matayo 24, Makko 13 ne Lukka 17 a.o. Kyandibera nga bwe kyali mu biseera bya nuah – emabega edda okutabula kw'abantu be bikula ebibiri eby'enjawulo, emu eya sethi ne ya caini – abana ab'obulenzi aba Katonda n'ab'obuwala aba bantu – kwaaliwo, (Olubereberye 6), ekya komenkerezewa n'amataba. Kyandibeera nga bwe kyali mu biseera bya sodoma ne gomorah obubi bwe bwatuukira ddala awatakomebwa (Olubereberye 19). Ibulayimu ye yali nnabi ow'e biro ebyo Katonda gwe yabikuliranga ebigenda okubaawo (Olubereberye 18:17). Katonda yatuma omusango nga aleka omuliro n'amayinjja nga gaggwa wansi okuva mu ggulu nga ensi eno tenalaba musango n'okububuka kw'obusungu bwa Katonda era eri sanyizibwawo n'omuliro, Katonda awa ekisa n'obununuzi. Okulabula kusooka okuweebwa omusango ne gulyoka guggya.

Mukama Yesu mu kulaga ebye biro by'enkomerero ya kakasa ekisuubizo ky'okutuma nnabbi eriya, ali no kujja ng'olunaku luno olunene era olwentiisa te luna gya (Malaki 4:4-6). Kino kya muwendo nti yaddamu ekisuubizo mu Matayo 17:11 era ne mu Makko 9:12: "*Yesu naddamu n'abagamba nti, eriya mazima ddala ajja, era alirongoosa byonna.*" ekisuubizo kino kilaga kye kimu nga ekyo ekya yogera ku buweereza bwa Yokaana omubatiza, eyajja mu mwoyo era ne mu maanyi g'eriya okukomyawo emitima gyabajjajja be ndagaano enkadde eri abaana be ndagaano empya (Lukka 1:17), ekyalaga okujja

okwasooka okwa Kristo. Kaakano ekitundu kyokubiri kiri kutukirizibwa, Okukomyawo emitima gyabaana eri abatume bajajja mu kweggatta ddala mu kiseera kyokuyitibwa n'okweteekateeka kw'ekkanisa y'omugole nga Kristo tanakomawo. Okuuzibwa obujja okujuvu kwa suubizibwa mu kigambo kya Katonda eri ekkanisa y'endagaano empya, wenedizibwayo mu n'geri yayo eyasooka.

Ekibubuuzo awo ddala we kigira ku ki ekkanisa ya Katonda omulamu kyebuziza nti kaakano nga Kristo tanakomawo eri no kuzibwa obujja. Awatali ku buusabuusa fenna tutuuse kona ye kitundu ekyo. Tewali kukankana, naye ku tegeera bubaka, obwannjulira ddala okujja kwa Kristo, kye kiragiyo kye biro bino. Bonna bali n'okutwala okulaga kuno mu kitangala kye Kigambo kya Katonda. Okuba mu beera y'obwetegefu, Buli kintu kirina okuzibwayo mu beera yakyo eyasooka mu kkanisa ya Katonda omulamu, okusinzira ku kisuubizo. N'olw'ekyo kyawandiikibwa, "...*ebiro eby'okuwummuzibwamu mu maaso ga Katonda bituuke; naye atume Kristo eyabaawulirwa edda, ye Yesu, eyagwanyizibwa okutwalibwa mu ggulu okutuusa mu biro eby'okulongoosezzaamu byonna, Katonda bye yayogeranga mu kammwa ka bannabbi be abatukuvu abaaliwo okuva mu lubereberye.*" (Ebikolwa by'abatume 3:19-21). Kifuuse kinyumo okwogeera ku "Obunabbi bwe biro by'enkomerero" n'okubuulila "Engiri y'obuggaga", mu byonna nga bayita kw'ebyo ebyasuubizibwa eri ekkanisa. Mu kungaana zo kujjaguza tulaba n'amaaso g'omwoyo eky'idibwamu kw'ebyo ebyaliwo mu kujja okw'asooka okwa Kristo Mukama nate akaabairira ababe, nga agamba, "**Singa omanyi ku lunaku luno, ggwe, ebigambo eby'emirembe! Naye kaakano bikwekwedwa amaaso go.**" (Lukka 19:42). Bw'ekiri kaakano nga bwe kibadde kibeera, ne mu nnaku za Mukama, abakkiriza be byawandiikibwa be baaza Katonda ku ebyo byakoze, batunulira mu maaso eri ebyo by'agenda okukola, ne bayita kwe byo byali kukola mu biro ebyo.

Buli attagatiddwa ku kutambula okusembayo okwa Katondonda kw'ekyo tebaliba betegefu okuba mu kukwakulibwa. Enoka ow'omusanvu okuva ku Adamu, yatwalibwa mu kitiibwa awatali kulaba kufa. Yali nga abo abaliwo kaakano mu mirembe ezisembayo egy'ekkanisa, abaweebwa ebisuubizo nga we bidirira, "*Awangula ndi muwa okutuula wamu nange ku ntebe yange ey'obwakaka, era nga nange bwe n'awangula nentuula wamu ne Kitange ku ntebe y'obwakabaka.*" (Okubikkulirwa 3:21). Abakkiriza ab'amazima kaakano basuubira ekyo omutume Pawulo kye yawandiika, "*Laba babuulira ekyama: tetulyebaka fenna, naye fenna tulifuusibwa.*" (1 Abakkolinso 15:51). Ng'omubiri te gunafuusibwa, Omutima n'obulamu buli n'okusooka okufuusibwa. Mu ndagaano enkadde Katonda ya kola

ekisuubizo eky'endagaano empya okuwa eri abantu be omutima omuggya, omwoyo omuggya era n'obulamu obuggya (Yeremiya 36:31-34; Ezeekyeri 11:19; Ezeekyeri 18:31-32). Tukisanga nga kikakasiddwa mu ndagaano Empya (Matayo 26:26-29; Abaebbulaniya 8:6-13 a.o.). Ku Enoka tusoma, *"Olwokukkiriza, Enoka yatwalibwa obutalaba kufa; n'atalabika kubanga Katonda yamutwala: kubanga bwe yali nga tanatwalibwa yategeezebwa okusimiibwa Katonda."* (Abaebbulaniya 11:5). Kaakano twagala okukkiriza kw'okukwakulibwa era n'okukakasibwa nti tusimisa Katonda nga tetunatwalibwa wa ggulu.

Ku kutangaza era n'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'omwoyo tekimala eri okuzuukira okusooka, era okufuusibwa kw'emibiri zaffe era n'okukwakulibwa. Amaanyi g'okufuusibwa ag'omwoyo omutukuvu guli n'okubeera mu ffe okwanguya emibiri zaffe ezivunda (Abaruumi 8:11). Twagala omwoyo omutukuvu ogukolera mu ffe ng'ekikakasa nti tuli baana b'abulenzi n'ab'obuwala aba Katonda, nga bw'ekyali n'Omwana wa Katonda (Matayo 3). *"Era kubanga muli baana, Katonda yatuma omwoyo gw'omwana we mu mitima gyaffe, ng'akaaba nti Aba, Kitaffe."* (Abaggalatiya 4:6). Kye yongerera ddala okutuuka ku kukulembera kw'omwoyo omutukuvu, *"Kubanga bonna abakulemberwa omwoyo gwa Katonda, abo be baana ba Katonda."* (Abaruumi 8:14).

Bannabbi bonna eri oyo Ekigambo gye kyava ba lungamisibwa ne bakulemberwa omwoyo wa Katonda. Ne bonna abakkiriza Ekigambo bafuna obumanyirivu okulungamisibwa kwe kumu n'okukulemberwa kw'omwoyo omutukuvu batekebawako akabonero, *"Era nammwe mu ye, bwe mwawulira Ekigambo eky'amazima, enjiri ey'obulokozi bwammwe, mu oyo, n'okukkiriza bwe mwa kkiriza ne mutekebawako akabonero n'omwoyo omutukuvu ey'asuubizibwa, ggwe musingo gw'obusika bwaffe, okutuusa envuma ya Katonda lweri nunulibwa, ekitiibwa kye kitenderezebwe."* (Abaefeso 1:13-14). Tulina kufuna obumanyirivu bwonna obwemikisa gy'obununuzi ng'abantu mu kukugaana ne Katonda. Eyo kirimu okuzibwa obuggya n'omwoyo era n'okuzaalibwa okuggya, nga okufukibwako amafuta n'okujuzibwa n'omwoyo omutukuvu nga bwe kyaaliwo ku abakkiriza mu lubereberye.

Bonna abagala okuyimirira eri Katonda ne betaba mu kutwalibwa mu kitiibwa balino kuyayana okutambula ne Katonda. Obulamu obumusanyusa bwokka busobooka mu kukiriziganya kwokka ne Kigambo kye era n'okwagala kwe. Ebintu ebilala byonna bya buyigirize era bya kulowooza bye bagala. Emirundi ebiri Katonda yalaga esanyu lye Mu mwana we: Okusooka mu kubatizibwa kwe, bwe ya ggamba *"... bwe tutyo kitugwanira okutuukiriza obutuukirivu bwonna."* (Matayo 3), era ne ku lusozi lwo kufuusibwa (Matayo 17), awo waaliwo ekiragiro eky'agattibwako, *"...mumuwulire!"* Wabadengawo abantu ku nsi aba londebwa okuba abaana ab'abulenzi n'ab'obuwala aba Katonda



okusinzira ku sanyu lyo kwagala kwe (Abaefeso 1:5 a.o.). Be bo eri ebyama by'okwagala kwe n'okuteesa kwe kutegeerebwa gye bali (Abaefeso 1:9-14). No kulaga okukomawo okusuubirwa okumpi okwa Yesu Kristo. Omutume Pawulo azaamu amaanyi abakkiriza b'amazima. *"Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okungi ... mulemenga okubaako kye munenyezebwa newakubadde ettima, abaana ba Katonda abatalina mabala wakati w'emirembe egya kyama emikakanyavu gye mulabikiramu ge ttabaaza ez'omu nsi..."* (Firipo 2:12-18). Katonda alin'okutusaanyukira tulyoke tutwalibwe wa ggulu.

Kaakano tujja kulaga ekigezo ekirala, okulaba oba omuntu yenna ky'akkiriza oba nga ebyawandiikibwa ebitukuvu kye biyigiriza oba bantu kye ba ggamba. Tuli n'okudayo eri ebisuubizo bya bannabi eby'ebiro bino. Yokaana omubatiza ye yali okutukuriza kwa malaki 3, nga enjiri enya bwe za kakasa. Yalina obuweereza bwe emyaka enkumi biri eziyise, ku ntandiikwa y'olunaku lw'obulokozi. Kaakano ebiro by'ekisa biri kukomerera era n'olunaku lwa Mukama lutuuse era Malaki 4 yalina okutukurizibwa yonna. Ffe kaakano nate tulina ebiro by'obunnabbi, n'olw'ekyo Mukama yatekawo esira nga bwe kyayogerwa okubalibwa kwe kisuubizo kino ekye'njawulo, ekya kakasibwa oluvannyuma lw'obuweereza bwa Yokaana omubatiza, eyajja mu mwoyo ne mu maanyi g'eriya, nga bwe ga kya baawo gye buggya, **"Eriya ajja ddala alirongoosa byonna."** (Matayo 17:11).

Buli Katonda wa kola ekintu ekisingako ensi, Ye abikula ekyama kye eri abaddu be, bannabbi (Amosi 3:7). bwe kutyo kitukuriza ekyo Mukama kye yayogerako, *"Akkiriza nnabbi mu linya lya nnabbi aliweebwa empeera y'annabbi naye akkiriza omutukurivu mu linya ly'omutukurivu aliweebwa empeera y'omutukurivu"* (Matayo 10:41). Naye okulabula nakwo ku gendeera ddala, *"Ng'a yogera nti, temukomanga ku abo be nnafuukako amafuta so temukolanga bubi bannabbi bangi."* (1 Ebyomumirembe 16:22; Zabbuli 105:15). Nera wabadengawo abo abakuba amayinjja bannabbi ba Katonda abatumbwa gye bali naye bawoomya ebiggya bya bo abafa edda. Ekivamu kyonna bwe kinabeera, Mukama atuma ababaka eri abantu be ng'omusango tegunabawo.

Nga Eriya bwe yayita abantu ba Katonda wamu, ya twala amayinjja kumi na biri okusinzira ku ma ggwanga kumi na biri n'addamu okuzimba ekyoto ekyali kyamenyebwa wansi era n'akitekako sadaka bwe kityo Katonda asobole okubaddamu (I Bassekabaka 18), bwatyo okuyita mu bubaka bw'Eriya ejigiriza ya batume kumi na babiri eri n'okuzibwawo (Ebikolwa by'abatume 2:42; Abaefeso 2:20 a.o.). Ne bonna abakkiriza ab'amazima bali n'okuyitibwa awamu Mukama asobole okubaddamu.

Omu alina okutegera nti bano bonna abakola ebisikiriza mu kungaana zabwe nga ba tendereza n'enyimba ez'enjawulo tebali mu biro byennyini eby'okudabulurwa, naye bo baaliwo mu kukyamizibwa ne bikujuko era ne binyumo by'enzikkiriza. No kutambula okusembayo okw'omwoyo omutukuvu okuzibwa obuggya okwe bintu byonna mu kkanisa y'endagaano empya kirina okubeerawo. Alinokusangibwa mu beera ye eyasooka kubanga ekyo kye kisuubizo ekyateekebwa mu lwatu. Kya nnaku naye kituufu, okusinza kuli mu bwereere, nga Mukama waffe bwe ya ggamba, singa abasinza basigala mu jigiriza abantu ze ba gunjawo, nga ba nyomerera Ekigambo nga ba kiteeka okubiggya mu maanyi kulwa bo bennyini. Obulombolombo bwe kkanisa bw'alangirirwa mu buyinza ne mu waaze eri abantu baabwe. Ekigambo kya Katonda eky'obuyinza kiteekebwa ku ma bali. Singa ensonga tevira ddala ku Kristo, awo kisongebwa ddala ku ye. N'olw'ekyo bw'atyo bw'ayogera Mukama, ***"Naye basinzira bwereere nga bayigiriza amateeka g'abantu...mudibya Ekigambo kya Katonda olw'obulombolombo bwammwe, bwe mwa yigiriza: era mu kola ebigambo ebilala bingi ng'ebyo."*** (Makko 7:7+13).

Oluvannyuma lw'amazima nga galagiddwa mu kulaga kuno, bonna basazewo bennyini obanga bajjajja ba makkanisa agawebwa ekitiibwa kya waggulu era n'abakyise babwe bakya gwana okuweebwa ekitiibwa era no kujaguzibwa, oba nga okuva ku nsonga ya Katonda bonna bali no kufuusibwa ku ntebe ya Katonda ey'omusango. Bonna nabo babuuzibwa obanga kimala okuva mu kulaga kw'ensonga y'omwoyo okudayo emabega eri abo abalongoosa okulaba ebyo bye ba yogera era ne bye bayigiriza, obanga tuli n'okudayo mu lubereberye, ku ebyo eby'ayogerwa ne biyigirizibwa ne Peetero, Yokaana, Yakobo ne Pawulo neri bye bakola. Abalala ba goberera omusango gwabwe obanga kimala okugenda mabega eri ebyali ebya basaja be mu byassa ebya yita bye ba ggamba, oba kiri nti kya buwaaze eri ffe okudayo mu lubereberye era n'ebintu eby'ayigirizibwa mu bulambulukufu ne bikolebwa ng'ekkanisa y'endagaano empya etandise.

Ne kuno okugerageranyisibwa okusembayo, nti tewali n'omu alekebwa wabweeru, obanga tuli no kuddayo eri ababuulizi b'okutelefayina abamanyiddwa mu nsi yonna tu ba buuze bye bayigiriza ku Katonda, ku kubatizibwa nebilala. Okusingira ddala tuli n'okukola ensonga eyamaanyi nti tuddeyo eri Ekigambo kya Katonda. tuddeyo mu lubereberye! Ekyo kya buwaaze eri ababuulira bonna n'abantu bw'ebatyo.

Nakyo kirina okuletebwa eri okutegeera kwaffe nti mu lubereberye lw'endagaano empya abayigiriza abamanyiddwa abayudaaya basubwa ebiro by'okukyala kwa Katonda. Abakulembeze ba bakristayo aba leero bogera ku bo ng'abannanfuusi era bafalisaayo naye

nga mu mazima bonna bali mu musango ggwe gumu. Emabega nate tebewayo wansi w'omukono ogw'amaanyi ogwa Katonda, te bakola kwagala kwa Katonda, nga bwe bagaana okubatizibwa kwa Yokaana. N'olw'ekyo kyawandiikibwa, "***Naye abafalisaayo n'abayigiriza ab'amateeka ne beegaanira okuteesa kubanga tebaabatizibwa ye.***" (Lukka 7:29-30).

Mu nnaku zino naffe tulina ababuulizi bangi era ne bano abakola ebisikiriza abayigiriza abalala, bagyaguza mu nkungana zaabwe era mu maaso gaabwe bennyini ba ggamba nti bakola omurimu munene mu maaso ga Katonda, naye tebategeera Katonda kyakola okusinzira ku teekateeka ya Katonda ey'obulokozi.

Yokaana omubatiza yali Nnabbi ey'asuubizibwa eya yannjula ebiseera by'ekisa, "*N'abalina omubiri bonna bali laba obulokozi bwa Katonda.*" (Lukka 3:2-6). "*Bonna bakkirize ku bubwe.*" (Yokaana 1:6-13). Yokaana mwennyini yawa obujulizi mu kussaa ekitiibwa mu mulokozi, "*Nange saa mumanya naye ayolesebwe Isiraeri, kyenava ngija nga mbatiza n'amazzi.*" (1:31). Okuyita mu Nnaabbi asembayo era n'obubaka bwe ebiro ebisembayo eby'ekisa biri mu kuggwaawo, era nate esira eteekabwa ku kubatizibwa, **Kaakano kya buwaaze eri bulyomu eyewayo eri etegeka y'akatonda okubatizibwa nga bwe byawandiikibwa mu linnya lya Mukama Yesu Kristo.**

Buli Katonda wa kola ebyafayo bye ku nsi, Obwakabaka bwa Katonda bumenyebwa era ne biseera by'okweyongerayo mu ma kubo gaffe biba biweddewo. Bonna bandibade batwala byonna Baibuli era ne by'abatume kye bitegeza era nga tebalina kya kwe kwassa emirembe gyonna, tuna genda mu bikolwa by'abatume 19.

Omutume Pawulo n'asanga abayigirizwa abamu mu efeso. Ekibuuzo kye ekyasooka kyali, "*N'agamba nti mwawebwa omwoyo omutukuvu bwe mwakkiriza?*" yewunya nnyo nti abakkiriza tebafuna mwoyo mutukuvu ya buuzo, "*N'agamba nti kale mwabatizibwa ku yingira mu ki?*" baddamu, "*ne bagamba nti mu kubatizibwa kwa Yokaana.*" Babatizibwa mu ngeri emu eyokubatiza nga yesu Kristo bwe yabatizibwa, okuba abayigirizwa ba Yokaana. Naye ekyo kyali tekimala. Omurimu gw'obununuzi gwali gumaliziddwa. Endagaano empya yali mu maanyi. Ekkanisa yatondebwa. Okuva mu biseera ebyo n'okweyongerayo yabalibwa olwekyo omutume Peetero n'o kutumibwa kwa Katonda yalangirira mu kubuulira kwe okwasooka. Awatali kukubaganya birowoozo, bw'ekityo kyawandiikibwa, ba ngondera ebyo omusaja wa Katonda bye ya gamba, "***Bwe baawulira ne babatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu.***"

Kyetagisa okuteekebwako esira nti ebintu byonna mu nkomerero biri n'okuba nga bwe byali mu lubereberye. Okutunulira emabega mu

biseera, okulongoosa n'okuzibwa obuggya kwonna okwa gobererwa kwali n'ekifo kya kyo. Nga sematalo 1 tanabaawo, mu ntandiikwa ye kyassa kya 20 waaliwo okutambula okwaanyi okw'omwoyo omutukuvu. Oluvannyuma lwa sematalo owo 2 Katonda natuma okuwonyesebwa okw'amanyi nga bwe kwali mu nnaaku z'abatume. Naye eno ye sawa yo kukyala kwa Katonda okusembayo ku nkomerero y'ebiro by'ekisa nga tanakomawo. Kaakano teki kyabalibwa omuntu yenna kye yayigiriza oba kye yakola mu mireembe egya yita, naye byokka ekigambo kye kigamba, eby'aliwo mu lubereberye. Etegeka eya Katonda eye Baibuli nga bwe yali mu Kkanisa eyasooka erina okuzibwawo.

Bonna kaakano abagaana okubatizibwa mu linya lya Mukama waffe Yesu Kristo, kiki ekitundu ku jigiriza eyasooka (Abaebbulaniya 1:2), bagaana bennyini etegeka ya Katonda ey'obulokozi, gye balowooza okubuulira oba okukkiriza. Singa omuntu yenna takkirizigannya na kyasooka, enjigiriza yennyini, olwo tekiriba kyamugaso eri bo okumubuulira ebintu byonna bye bakoze mu linyanya lye (Matayo 7:21-27). Bali wulira "*Muve wendi...*" okuva mu lulimi lwa Katonda mwennyini. Ekya kye Bw'atyo bw'ayogera Mukama mu Kigambo kye.

### **Laba, njija mangu**

Mu Matayo 25 tusoma, "*Laba, anaawasa omugole ajja; mufulume okumusinsinkana.*" "*Laba, njija mangu; n'empeera yange eri nange...*" tusanga kyawandiikibwa mu sula esembayo eya Baibuli. Mu kyo kigamba, "*Baweereddwa omukisa abayozza ebyambalo byabwe, balyoke babeere n'obuyinza ku muti ogw'obulamu, era balyoke bayingire mu kibuga nga bayita mu miryango.*" (v.14). Mu sula ye 19 ey'Okubikkulirwa tusoma mu kanyiriri ko 7, "*Tusanyuke, tujaguze, tumuwe ekitiibwa ye; kubanga obugole bw'omwana gw'endiga butuuse, n'emukazi we yeeteeseteese...*" Mu Matayo 25 tusoma nate, "*...anaawasa omugole n'ajja; nabo abaali beeteeseteese n'eba yingira naye mu mbaga y'obugole: olugi ne luggalwawo.*" Okuva enjiri bwe yawandiika naffe tusanga ebiwandike, "*Mu biro ebyo abasaja babiri baliba mu kyalu; omu ali twalibwa, n'omulala ali lekebwa abakazi babiri baliba nga bassa ku lubengo; omu alitwalibwa n'omulala alilekebwa.*" (Matayo 24:40-41).

Mu ku kiteeka mu kola okutukirizibwa kw'ebyo ebyayogerwako ebiribaawo nga okukomwao kwa Kristo te kunabaawo, Mukama waffe agamba, "*Bw'emutyo n'ammwe bwe mulaba ebigambo ebyo byonna mugeere nti ali kumpi ku lugi.*" (Matayo 24:33-34). Ne mu Lukka 21 Mukama waffe ayogera ku bubonero bwe biro, "*Naye ebigambo ebyo bwe bitanulanga okubaawo mutunulanga waggulu, muyimusanga emitwe gyammwe: kubanga okununulibwa kwammwe kunaatera okutuuka ... era nammwe bwemutyo,*

***bwemulabanga ebyo nga bibaawo mumanyanga nti obwakabaka bwa Katonda buli kumpi ... naye mutunule mu biro byonna musabenga musobole okudduka ebyo byonna ebigenda okubaawo n'okuyimirira mu maaso g'omwana w'omuntu.***" (Lukka 21:28-31+36). Byonna bibaawo nga ebiro bitukiriziddwa. Mu bwangu ekitundu kw'abo abagenda okusinsinkana anaawasa omugole era ne balindirira okujja kwe baali betegefu okuyingira mu mbaga y'obugole. Abalala bayimirira eri olugi olugale nga bakokona naye kyali kikerezi – nga kikerezi emirembe gyonna. Ekikolebwa nabakristayo abakkiriza Baibuli mwekyo tebagala kwewayo olwabala naye berowoozako bokka, "tugenda ku kikola mu n'geri yonna."

Abo abali mu kkanisa y'omugole bo okusingira ddala bafuna ebisuubizo eby'oyo anaawasa omugole eri ebiro bino; bayitibwa abaana be bisuubizo (Abaruumi 9:8; Abaggalatiya 4:28). Bafuna omwoyo omutukuvu ogw'asuubizibwa (Ebikolwa by'abatume 2:33). Kigenda ddala eri bo Abaefeso 4:30, *"So temunakuwazanga mwoyo mutukuvu owa Katonda, eyabateesako akabonero okutuusa olunaku lw'okununulibwa."* Okusinzira ku Isaaya 8:16, obujulizi bwali bulin'okusibibwa era ne Kigambo ne kiteekebwako akabonero mu abayigirizwa. Tuli no kutegera ekubo eryetagisibwa mu byawandiikibwa okuba abetegefu eri okukwakulibwa. N'obuyambi bwa Katonda tuli n'okutukiriza ebyetagisa byonna. Embererera ensilu za twala tabaza zaabwe baali n'obutangavu. N'emberera engenzi nazo za twala amafuta mu bibya byabwe, n'olw'ekyo basobola okuteekamu amafuta mu tabaaza zaabwe n'obutambi obwaka nga te busobola ku gwerera nga bubakira okutuusa ekiro mu tumbi. Okuyita mu byawandiikibwa byonna amafuta ke kabonero k'omwoyo omutukuvu. Okufukibwako amafuta kwali kwegatta n'okweywayo eri Katonda. Ba kabaka ne bakabona basobola okweywayo eri Katonda okuyita mu kufukibwako amafuta era ne bateekebwa mu buweereza bwabwe.

Ekigambo ky'obunnabbi kirina, nga kya ka mala okubikkurwa kifuuka obutangavu obwakayakana mu kizikkiza mu biro bino eby'omuwendo. Mu bulambulukufu kimulisa ebintu byonna ebikwata ku biro by'enkomerero, naye te bukkiriza ku vuunula kwa muntu kinomu (2 Peetero1:16-21). Kaakano tuli mu kulaba ebyo eby'awandiikibwa, *"Ekigambo kyo ye tabaaza eri ebigere byange, n'omusana eri ekubo lyange."* (Zabbuli 119:105). Obunnabbi bwa Baibuli kaakano buli n'okuba, nga bwe bwali mu kujja okwasoka okwa Kristo, bukakasibwe era butegerebwe mu kutukirisibwa. Ekibuuzo kiri, Kiki ekiri mu buli muntu ku ekyo Mukama waffe kye yagamba? ***"Awo bwe yasebera okumpi n'alaba ekibuga n'akikaabirira ng'agamba nti singa mu manyi ku lunaku luno, ggwe, ebigambo by'emirembe! Naye kaakano bikwekweddwa amaaso go"*** (Lukka 19:41-42) oba wadde, *"Yali*

*mu nsi, ensi eyakolebwa ku bubwe, era ensi teyamutegera.*" (Yokaana 1). Ku lwa Katonda nti ebintu bino byonna te bisobola kudibwamu na muntu yenna. Mu butafaanana abasomi bonna ba manyirire bino ebigoberera, *"Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, **be bakkiriza erinnya lye!**"* (Yokaana 1:6-13) era nabo, *"...bonna ne bakkiriza abaali baterekeddwa obulamu obutaggwaawo."* (Ebikolwa by'abatume 13:46-49). Abewereddwa omukisa be bo abakkiriza bino, *"Alina okutu, awulire omwoyo kya gamba ekkanisa."* ekyo kye kikola kaakano, kubanga tusemberera enkomerero, omugole era naanawasa omugole baali mu kussaa kimu. Ekilangiriro, *"Laba njija mangu."* kidibwamu n'omugole, *"Era omwoyo n'omugole bogeera nti jjangu, naye awulira ayogera nti jjangu."* Kaakano ebiro bituuse. Mu biseera by'egulo ebyo *"lunaku lw'obulokozi"* Katonda n'awa obutangavu; Kaakano mu tumbi ba zuukuka okuyita ku genda mu maaso era mu biseera bye bimu amakya agataggwaawo gaggya kukka. Omutume Pawulo yandi kaabye bupya "ayi Mukama" Jjangu kaakano! (1 Abakkolinso 16:22).

### **Nga tunateera okumaliriza**

Mu kitundu kye kyassa mbadde n'omukisa okuba mu bwakabaka bwa Katonda, nga netaba okuva mu 1949 mu kuzibwa obugya okwatandiika oluvannyuma lwa sematalo owo 2. Ababuulizi bonna abomu America nabategera mu myaka zo 1950ies era nabalala ku bo nabakyukizanga. Okusingira ddala n'aweewwa omukisa n'obuweereza bw'omusaja eyatumibwa okuva eri Katonda, William M. Branham, USA. Oluvannyuma nga maze okukakasa enjigiriza ye n'ekigambo kya Katonda, nategeera nti obuweereza bwe bwali bu sinzira ku Kigambo kya Katonda, obwa Baibuli n'abatume. Kyenkana n'okutta empisa, nga obulima busansanyisibwa nti William Branham yali omu ku ba "Yesu -yekka" Kkanisa, kubanga abalunzi abalala abe ddinni eryo bamwaniriza mu nkungaana. Amazima gali nti yategekerwa mu 1932 mu ddinni rye limu ekkanisa ey'ababaputisti ey'omumaserengeta BillyGraham gye yali abeeramu, ne Dr. Roy Davis. Okuyita kwa Katonda n'okutumibwa mazima yamuteekawo n'obuweereza bwe obw'enjawulo mu bwakabaka bwa Katonda, okuba obuweereza eri bonna abaana ba Katonda.

Nga bwe kyali ne Nnabbi eyali "ayogera ebigenda okubaawo gye buggya" n'akyo kyali ne William Branham, eyali ayolesebwa. Ebiseera ebimu oluvannyuma ng'afunye okutumibwakwe mu gw'okutano nga 7, 1946, yalaba okuyolesebwa kwe miti ebiri nga zijjudde ebibala eby'engevu. Ku muti ogumu kwali kuwandiikiddwako "Obussatu" era n'omuti omulala nga guwandiikiddwako "obumu". Yelaba mwennyini

ng'ayimiridde wakati we miti egyo gyombi, ng'azitaddeko emikono gye, ng'azinyenyera ddala n'amaanyi, era nebibala bye miti gyombi bya gwiira ddala ku ye mu bungi. Ng'abakyise ba "Enkungaana za Katonda", Rev. Ness, era ne aba "Ekkansa y'obweggasi ey'abapentakoti", Rev. Siscem, basinsinkana naye. Kyali ng'ekyokulabirako kw'ekyo Katonda kye yali amulaze ku kuyolesebwa. Buli kw'ezo ebiri entambula z'aba pentakoti mu Amerika zali zimwagala azegatteko. Naye yalangirira nti tasobola kwegatta wadde ku emu, kubanga obuweereza bwe bwali bwa kuba eri abaana ba Katonda bonna mu ma kkanisa gonna. Ku nsonga eno kyetagisa oku gamba nti tewali musaja wa Katonda yenna alwanyisa abantu ba Katonda abali mu zikkiriza z'enjawulo era n'amaddinni, naye alwanyisa enkola yaabwe ebakuma nga abisibe (Isaaya 42:22).

Yekka ku babuulizi bonna eyali asobola okukulaga olunaku, ekifo, era ne sawa Katonda gye yamuyita n'okumutuma. Kulw'ekyo abalala basobole okweyongerayo n'etegeka zaabwe. Bonna abaali mu mayengo go kuzibwa obuggya okwasooka oluvannyuma lwa sematalo owo 2 bakimanyi bulungi nti William Branham yakozesebwa ne Katonda omuyinza w'ebintu byonna okuleta okuyitawo okw'obulokozi buno obw'amaanyi n'okuwonyesebwa okuggya. Ensi teyandi wuliddeko mu buulizi mulala yenna singa okutumibwa kuno okwa Katonda te kwa weebwa. Awatali kugyako, bonna abatandiika obuweereza bwabwe nga ku nkomerero yo mwaka 1940ies, ne 1950ies era ne mu ntandiikwa ya 1960ies ba sikirizibwa mu emu ku nkungaana za Branham, nga basalawo okubeera mu kuzibwa obuggya kuno. Oral Roberts, T.L. Osborne, Gordon Lindsay, David DuPlessis, Demos Shakarian, dazini yabo okutuukira ddala wansi ku Morris Cerullo era ne Kenneth A. Hagin – bonna balaba emirimu gye byo ebya Katonda. Naye batwala ekirubirira kyennyini ekyali kyeggase ku buweereza Katonda bwe yali awadde?

Mukama Yesu yandi badde atambuza bigeere leero, nekyo yandikoze kye kimu nga bwe yakola edda. Okusooka yandi tambulidde mu yeekaalu Ye n'aginyiriza nakyusa ebigeere bye byo ebitekebawo ebitabo era n'agoba abo abaali bakola amagoba. Mu n'geri eddala yali asobola oku songa ku buweereza obuli kutegeka oku komawo kwe. Nga Yokaana omubatiza emabega yali ya tumibwa n'obubaka mu kujja okwasooka okwa Kristo okutegeka ekubo lya Mukama, bw'ekityo bwe kiri nga okukomawo kwa Kristo te kunatuuka. Okuzibwa obuggya n'obubaka bwe biro by'enkomerero bu genda mu maaso era nga butegeka ekubo. Obwa Yokaana eya tegeka kya ggamba, "*Alina omugole ye awasa: naye mukwano gw'oyo awasa, ayimirira ng'amuwulira, asanyukira nnyo eddoozi ly'oyo awasizza: kale essanyu lyange eryo lituukiridde*" (Yokaana 3:29). Yokaana yali mukwano gw'oyo awasa,

omusaja eyatumibwa okuva eri Katonda, eddoboosi lye lyali ddoboosi lye nnyini ery'oyo awasa era n'obubaka okutegeka abantu ba Katonda. Bw'ekityo kaakano nakyo bwe kiri. Omusaja eyatumibwa okuva eri Katonda, mukwano gw'oyo awasa, aleta obubaka bwe eri omugole. Ekigambo kya Katonda ekibeerawo emirembe gyonna bwe bubaka bwa Katonda obw'amazima. Singa kikola – era nga kicolera ddala – nti okutuma kwa Katonda ku nkomerero ye biro by'ekisa kwa weebwa William Branham n'ebigambo, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatatumibwa okutegeka okujja okwasooka okwa Kristo, Obubaka obukuweereddwa ojja kutegeka okujja okw'okubiri okwa Kristo." Omusaja wa Katonda, oluvannyuma ng'addamu ekya mugambibwa, okugyawo obutamutegera bwonna ya ggamba, "Sinze ngenda okuba omutegesi naye obubaka bwe butegeesi!"

Okuva mu kaseera ako Nnabbi eyasuubizibwa nalyoka alabibwa, obwakabaka bwa Katonda ne bulyoaka bu buulirwa era n'okuyitawo kwa kolebwa (Lukka 16:16). Kaakano kye kimu ekyidibwamu n'obuweereza obw'oyo Nnabbi eyasuubizibwa owe biro byaffe. Nga Yokaana Omubatiza bwe yategera ekifo kye mu byawandiikibwa, bw'ekityo bwe yali ne William Branham, Omusaja eyatumibwa okuva eri Katonda mu biro byaffe, naye amanyi ekifo kye mu bwakabaka bwa Katonda. Ye yali omu okuyita mu ye Mukama nate yamulisiza enjigiriza Ye eyasooka ku bulamba bwa Katonda, Okubatizibwa, okulya kwa Mukama okwe kyegulo, nebilala bingi. Ebyama byonna ebyali bya kwekeebwa mu byawandiikibwa byonna, wadde ne byo ebyaaliwo mu lusuku lwa Edeni, bya bikulwa. Entegeka ya Baibuli ya komezebawo era ku lwebyo bye byali ebikolwa ebyasooka mu kkanisa. Nali mu julizi mu bulaaya era ne mu Amerika ku ebyo ebintu Katonda bye yali akola mu biro byaffe okuyita mu buweereza bwa William Branham ddala okutuusa mu biseera bye ebyo kudayo ewakka mu 1965. Nalaba ebyaaliwo mu nnaku za Baibuli na maaso gange, sobola oku julira ekyo Abaebbulaniya 13:8 era ne Yokaana 14:12 bya tekebwa mu bwerufu. Te tu genda kweyongerayo mu somo lino, nga bwe maze edda okuwandiika ku buweereza obwa obw'asuubizibwa mu bitabo eby'enjawulo. Ye yali Nnabbi eyali alina obuweereza obw'okuzibbwa-obuggya eri "olunaku lwa Mukama" okuyita wo, oba ffe tuli n'okuma omuntu omulala nate? Obubaka bwe Kigambo kya Katonda bwe yaleta era ne okukakasibwa kwe byo ebya Katonda mazima ddala kulaga ekyo nga bwe kiri.

Okulaga kuno kuwebwayo eri bonna abaddu ba Katonda abaali ku nsi abasitudde obuvunanyisibwa mu ma kkanisa, amasomero ga Baibuli, emisomo gyenjawulo, nebilala bingi. Bangi ku bo na bategeera ng'omuntu. Era kw'ekyo nakyo kyabo bonna mu mikono gyani kulw'ekisa kya Katonda bun'obutabo bwa bantu buli n'okugwa.



Bonna baali n'okusalawo obanga baali n'okukkiriza omujulizi ow'amazima oba bakkiriza omujulizi w'obulimba. Mu Isaaya 43:10 ne Mukama ya ggamba, "*Mmwewe muli bajulirwa bange, bw'ayogera Mukama.*" Mukama Yesu, ng'ayogera eri abatume be, ya ggamba, "... *nammwe munaabanga bajulirwa bange...*" (Ebikolwa by'abatume 1:8). Ffe tutute Endagaano enkadde n'endagaano empya era n'okulaga obwenkanya mu bajulizi ba Katonda bonna. Ojja ku wulirisa eri abo aba julira mu linnya lya Mukama? N'olw'ekyo okuva kaakano ku butasoboka Omwana ow'amazima owa Katonda yandye yongedde okukkiriza ebyo abajulizi abalimba bye ba ggambye. Abo abajulizi b'obulimba be bajajja be kkanisa era abakyise baabwe baali kuyigiriza ebitakwatagana na by'abajulizi ba mazima. Kyawandiikibwa, "*...atakkiriza Katonda ng'amufudde mulimba...*" (1 Yokaana 5:10). Tewali muntu yenna asobola kuweereza bakama be babiri, tewali muntu yenna asobola kulangirira eri Katonda ebintu ebibiri eby'enjawulo okuba ebituufu. Okuva kaakano n'okweyongerayo, omuntu alina ekyo kwe kwassa, era Sobola oku ggamba, "*Kyenva mbategeeza leero nti nze ndi mulongoofu olw'omusaayi gwa bonna. Kubanga sseekanga kubabuulira kuteesa kwa Katonda kwonna.*" (Ebikolwa by'abatume 20:26-27).

Ebigobereera bigambibwa byokka nga bujulizi, kulw'ekyo nti bonna banategeera obuvunanyizibwa bwange, bwe situdde kubanga olwo kuyitibwa kwa Katonda nti Nze Owoluganda Frank, kwe nafuna mu gwo kuna nga 2, 1962, mu biseera byennyini nga buli kukya wano mu Krefeld, Germany. Eryo eddoboosi lyonna eri tambula nga liragira erya Mukama Nze mwennyini naliwulira n'amatu gange. Oluvannyuma okusaba kw'okumakya na yimirira mu kisenge, nga ntunulira akaseera kamu ku dirisa ery'ali litunulidde ebuwanjuba, Eddoboosi lya Mukama bwe lyava wa ggulu nga linjorekera, okuva ku luuyi lw'omukono gwange ogwa ddyo, nga li ggamba "*Omuddu wange, ebiro byo ebye kibuga kino biggwaawo. Njja kutuma eri ebibuga ebilala okubuulira Ekigambo kyange...*" mu biseera ebyo amaanyi gange ag'obuntu ga nvamu, na zigita n'engwa ku mukono gwange ogwa kkono, n'obwenyi bwange nga busse wansi. Obumanyirivu bwonna obw'okuyibwa kuno Si gya ku bwogeerako wano, nga bwe kukoze mu bitabo ebilala. Kyokka Nze ba kakasa bulyomu nti ebigambo byo bujulizi bwange bya mazima nga ebigambo by'omutume Pawulo bwa yogera ku kuyitibwa kwe mu kitabo ky'Ebikolwa by'abatume. Obugonvu n'obwesigwa eri okutumibwa okw'omu ggulu Nze mbuulidde Ekigambo kya Katonda nga bwe Kyawandiikibwa mu Baibuli kyokka, kulw'ekyo ne kisa kya Katonda kya bikkulibwa gye ndi n'Omwoyo Omutukuvu. Nali kuula mu mwoyo era na kulemberwa ddala mu buziba bwo kubikkulirwa ku kubikkulirwa era n'okuva mubutangavu ku butangavu.

Obumanyirivu mw'ebyo ebyo bwa Katonda Nze zekka bwe na yogerako nti kuba nti bonna basobole okutegeera okutumibwa kwange okuva eri Katonda era n'obuvunanyisibwa okuba mu kigero kye kimu nga obw'omutume Pawulo. Nze sobola oku ggamba nga bwe yakola, *"Kubanga kaakano mpembera bantu nantiki Katonda? Nantiki nsala amagezi okusiimibwa abantu? Singa nnali nga nkyasiimibwa abantu, ssandibadde muddu wa Kristo."* (Abaggalatiya 1:10). Kubanga waaliwo okulimbibwa kungi ku nsi, Eddoboosi ey'amazima ey'ekigambo kya Katonda eri n'okuwulirwa mu ma dungu g'enzikkiriza awatali kya kwe kwassa. *"Kubanga omubiri gwonna guli ng'omuddo, n'ekitiibwa kyagwo kyonna kiri ng'ekimuli ky'omuddo. Omuddo guwotoka ekimuli ne kigwa: naye Ekigambo kya Mukama kibeerera emirembe ne mirembe era ekyo kye Kigambo eky'enjiri eky'abajulirwa."* (1 Peetero 1:24-25).

Tukya beerawo mu biro by'ekisa, oterezebwa kusoboka. Okumaliriza ngala oku ba ggamba nti obubonero bw'olunaku bu songeera ddala mu bwerufu eri ebyo ebyasuubizibwa era n'okukomawo kwa Kristo okusemberedde. Okuyita okwo kuzuukuza, Okwogerera waggulu kaakano ku genda mu maaso, *"Laba, anaawasa omugole ajja; mufuulume okumusisinkana."* Mukama waffe omwagalwa ali kuma ekisuubizo kye era akomewo mangu ddala ddala – nga bwe tusuubira mu biro byaffe. Abakkiriza bonna ab'amazima begatte wamu mu kwogera nti, *"Mukama komawo mangu! Bw'ekityo, jangu, Mukama Yesu."*

Ekisa n'edembe lya Katonda libeere nammwe mmwena mu linnya ery'omuwendo Mukama Yesu Kristo. Amiina.

Mission Center  
P.O Box 100707  
47707 Krefeld  
Germany

Phone: +49-2151-545151

Fax: +49-2151-951293

E-mail: [volksmission@gmx.de](mailto:volksmission@gmx.de) or

[E.Frank@freie-volksmission.de](mailto:E.Frank@freie-volksmission.de)

Homepage: <http://www.freie-volksmission.de>

(c) by the author and publisher E. Frank

March/April 2003

Mu lubereberye waaliwo Kigambo - si ku vunuula  
(Am Anfang war das Wort – nicht die Deutung)